OKUKKIRIZA OKUTUUKIRIDDE

Kitaffe Ow'omuggulu, ekyo kye kigendererwa kyaffe akawungeezi ka leero. Ekitukuŋŋaanyizza awamu kukkiriza bukkiriza, tukkirize Mukama waffe Yesu. Waliwo abamu ku bali wano, akawungeezi kano, nga balwadde era banyigirizibwa, era tuwaddeyo olu—olu—olukuŋŋaana lwaffe olw'akawungeezi ka leero eri okuwonyezebwa kw'endwadde n'emibiri emikosefu. Kati, nga omuyimbi bwe yaakayimba oluyimba olwo olulungi olugamba nti, *Awo Yesu N'ajja*, tusaba Okke gye tuli akawungeezi ka leero, Mukama, era owonye abo bonna abanyigirizibwa, waleme kubaawo munafu yenna wakati mu ffe akawungeezi ka leero. Kituwe, Mukama, era otuyambe nga bwe tutunula eri Ekigambo kaakano tusobole okufuna okukkiriza okumala olw'ekiseera kino. Tukisaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

2 (Z'ani?) Waliwo wano gaalubindi, waliwo gwe zaaguddeko, zaasangiddwa mu kkanisa. Bwe wabaawo omuntu yenna . . . bwe ziba zizo, kale, ziri waggulu wano, ku kituuti.

3 Kaakati, mmanyi bangi abakola, era nga balina okuddayo eka nga bukyali, n'olw'ekyo ssijja kwogerera kiseera kiwanvu nnyo; oluvannyuma tubeere n'olunyiriri lw'okusabira abalwadde. Ekyo kimpa akakisa oku—okukwata ku zimu ku nsonga enzibu ezeetaaga okukolebwako embagirawo ezaakaleetebwa mu kasenge muli, nnina ze mbadde nnaakakolako kati nga ssinnayingira, n'ebirala olw'eggulo lwa leero. Ezimu ku zo, ddala, mbi nnyo, era za mutawaana. Era, n'essimu nkubye eziwerako, nga nsabira abalwadde. Buli lwe tulaba omukono gwa Mukama waffe Yesu nga guwonya abalwadde n'abanyigirizibwa, kitulaga nga bw'Ali ow'ekitalo!

4 Kaakati, tetutera nnyo kubeera na nkuŋŋaana zino ez'okuwonyezebwa, kubanga bulijjo tu . . . Omwoyo Omutukuvu ajja bwe wabaawo embeera eyeetaaga okukolebwako mbagirawo, n'agibikkula mangu ddala, n'agiyitayo era n'abaako ne ky'agyogerako. Olwo eziba zisigadde, awo, ne tu . . . oba oli awo bwe ziba nga si mbi nnyo, kale ne tuzongezaayo mu maaso. Naye nnalowoozezza, nti nga bwe tuli wano leero emirundi ebiri, kitugwanidde olukuŋŋaana olumu tuluweeyo eri okusabira abalwadde. Nzikiririza mu kuwonya abalwadde. Nzikiriza nti kiragiro kya Bayibuli. Tetusobola kugibuulira eyo, awatali . . . tetusobola kubuulira Njiri nzijuvu, nga ekyo tetukitwaliddeemu.

5 Kati, kyandiba nga . . . Ssinnamanya, eka ssinnakubayo ssimu akawungeezi kano, kyandiba nga ku Ssande ejja nja kubeera wano nate. Kale bwe—bwe mutatuwuliza mu wiiki

eno, Billy bw'ataabategeeze (ajja kumanya oluvannyumako mu wiiki), bwe mutaakiwulire, awo tunaaba tuli ba kuddamu okubeera wano Ssande ejja; kubanga, ekyo kibawa Olunaku lw'Abakozi, mulaba, okuwummulako, kale . . . oba okuddako eka. Mukiraba? Kale tujja kugezaako, Mukama nga ayagadde. Kale, kati, bwe munaaba temuwulidde . . . Ndowooza Billy anaabaweereza kaadi, oba anaabako n'engeri endala yonna gy'abategeezaamu mu nkuŋŋaana, naye bw'ataabakubire ssimu, kijja kuba kitegeeza nkomawo ku—ku Ssande ejja. Bwe kiba nga, Ow'oluganda Neville, tekirina mutawaana, olumu ku nkuŋŋaana? [Ow'oluganda Neville ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] O, ekyo kirungi.

6 Bwe wabaawo yenna eyetaaze okumanya, ono ali wano ye, muto Collins. Kati mu biseera by'okubuulirwa kw'Obubonero Omusanvu, abasawo omulenzi oyo baamugamba nti, yalwala endwadde y'omusujja ogulumira mu nnyingo n'ebinywa, nga alina kugalamira ku mugongo era balina kumunyweeseza mu kapiira; kya—kyali bwe kityo. Naye kitaawe ne nnyina ne bamujja ewaka ne bamuleeta ne bamussa wano mu kisenge ne mmusabira. Era Mukama waffe Yesu n'amuwonyeza ddala n'addayo ku ssomero; ab'obuyinza ne babayita ne babuuza ku nsonga eyo. Bwe batyo baayita omukugu eyali amujjanjaba, nga naye takikkiriza . . . Nga tasobola kukkiriza kintu kifaanana bwe kityo, omulenzi ne bamutwala okumukebera, ne basanga nga mulamu ddala, talina mutawaana gwonna. Awo, Yesu yajja, era amaanyi g'omukemi ne gamenyebwa!

7 Mumanyi, ekyewuunyisa, mbadde ŋŋenda kubaako gwe nsaba ayimbe oluyimba olwo akawungeezi ka leero. Naye bwe mbadde nkyaweereza mu kasenge wali, ŋŋenze okuwulira nga lwe luulwo, nga waliwo aluyimba, *Awo Yesu n'Ajja*. Ssinga te—teruyimbiddwa, mbadde ŋŋenda kusaba wabeewo aluyimba nga ssi—ssinnaba kubuulira akawungeezi ka leero. Kale, ebintu byonna A—Abikola bulungi.

8 Kati, bangi ku mmwe mujja kulinda okutuusa nga bukedde, abo abalina okutambula eŋŋendo empanvu, era nki—nkisiima ekyo—okufuba okw'engeri eyo. Abamu ku mmwe muli baakuvuga kiro kya leero muddeyo eka kubanga mulina okugenda ku mirimu nga bukedde, ku makya, era mma—mmanyi si kyangu. Ate bwe ndowooza, ne ndaba ekyo, . . .

9 Omanyi, nange ntawaanyizibwa; nange wabaawo lwe sseetegeera. Mbaako we ntuuka nga . . . Ekimbaako, weewo we ntuuka ne binsobera nzenna nga nneetamiddwa, awo Ssetaani n'ajja n'aŋŋamba nti, "Ndaba, tewali akufaako. Eky'amazima tolina mukwano gwo n'omu mu nsi, olaba." Kati ekyo ne . . .

10 Mujjukire, ssiri awo nti nze ssikemebwa. Mulaba, ekyo mba nnina okukiwangula. Naye bwe ntunula emabega ne ndaba ekintu nga kino, nkikomyawo ne nkimukuba mu maaso ne

mugamba nti, "Ekyo okyogerako ki?" Ekyo kinnyamba oku—okuwangula. "Ekyo okyogerako ki?"

11 Nga mukwano gwange omu, atudde mu—mu lukuŋŋaana wano, waaliwo a—a—akabinja, kaali mu ngeri y'a—y'akabinja akatakkiririza mu kuwonyezebwa okw'Obwakatonda, bajja eri omuvubuka ono ebbanga ttono eriyise ne bamugamba nti, "Ebyo bye bababuulira eyo mbu Katonda awonya, tebiriimu nsa."

12 Kyokka nga omusajja ono gy'abeera mu Kentucky, aliraanidde ddala omukazi omukadde oli, bwe twali mu Acton Campgrounds, eyali afa kookolo. Muganda w'omukyala oyo eyajja mu lukuŋŋaana akawungeezi ako n'akatambaala mu kasawo ke ke yali azze nako, Omwoyo Omutukuvu n'ayitayo omukyala oyo okuva emabega (ate nga nnali ssigendangako mu kitundu ekyo) n'amugamba nti "alina akatambaala mu kasawo ke, ke yali nako, ke yali avudde nako eka, era nti muganda we waliwo akasozi ewaabwe eyo kwe yali abeera, nga kookolo w'omu lubuto amutta. Nga abasawo bamulemeddwa." Ne ŋŋamba nti, "Genda oteeke akatambaala ku mukazi oyo, kubanga BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA, 'Ajja kuba mulamu.'" Era ekyo ky'ekiro, baliraanwa engulu eyo bwe baaloowoza nti bakyaliddwa ab'enzikiriza ya Salvation Army, Ow'oluganda Ben bwe yayambukayo, n'ateeka eki . . . Kale—kale omukyala oyo yawonera ddala n'atuuka n'okuba nti yeekolera emirimu gye n'akola n'egya muliraanwa we.

13 Kati, omuvubuka ono, olw'okuba ekyo yali akimanyi, kye yava abagamba nti, "Kale munnyonnyole ebyatuuka ku mukazi oyo! Ekyo kyamala empaka. Munnyonnyole; mukimanyi nti yalina kookolo. Yali wano mu Louisville era abasawo baali bagenda kumulongoosa, naye mu kaseera katono ate ne bekyuusa ne bagamba nti, 'Mumutunge, mumuzzeewo. Tewakyali kiyinza kukolebwa.' Naye kati mulamu ddala, ali bulungi." N'agamba nti, "Ekyo mukinnyonnyole." Ekyo kyamalawo empaka. Olaba?

14 Omanyi, mu Bayibuli, wagamba nti, "Kale tebaasobola kubakonjera kintu kyonna, kubanga omusajja yali ayimiridde ddala wakati mu bo, oyo eky'amagero gwe kyali kikoleddwaako." Awo we tu . . . Ekyo kiswaaza Ssetaani, si bwe kiri? Omusajja yali ayimiridde awo eky'amagero gwe kyali kikoleddwaako.

15 Katonda azuukiza abafu? Omusajja atudde wano, wennyini, eyazuukira okuva mu bafu. Katonda awonya abalwadde? Ha, bannange, awo emikono giyinza okuyimusibwa wonna. Katonda awonya abalwadde. Era tukimanyi nti Ye mukulu—ye NDI oyo omukulu, so si "Nnali" omukulu oba "Ndiba"; NDI. Ky'ekyo. *NDI*, oyo "abaawo bulijjo, buli wamu, ekiseera kyonna"; abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

16 Kati, okwanguwako, leka tudde mu Bayibuli ey'omukisa. Njagala kusomayo eki—ekitundu ekya—ekyateranga "okumbobbya omutwe" buli lwe nnakisomanga. Era njagala tubeere n'olunyiriri lw'ab'okusabirwa akawungeezi ka leero, nsabire buli omu ayagala okusabirwa.

17 Kale kati tugenda kubikkula mu Makko, enjiri y'Omutukuvu Makko, essuula ey'e 11 ey'Omutukuvu Makko. Era tugenda kusoma nga tutandikira nga ku—ku lunyiriri olw'a 22 olw'essuula ey'e 11 ey'Omutukuvu Makko. Era bangi ku mmwe Ekyawandiikibwa kino mukimanyi, kimanyiddwa. Kye Kyawandiikibwa kye nnali ndowoozaako, Ow'oluganda Russell, bwe . . . bwe Yayogera gyendi nga ayogera ku bukaamuje buli. Era bwa . . . ekyo kye Kyawandiikibwa kyennyini kye nnali ndowoozaako. Bulijjo kibadde kimbobbya omutwe. Yagamba nti, "*Ggwe* bw'ogamba"; sso si "*Nze* bwe ŋŋamba". "*Ggwe* bw'ogamba!"

18 Kaakati, leka tusome.

> . . . *Yesu n'addamu n'abagamba nti, Mube n'okukkiriza mu Katonda.*
>
> *Mazima mbagamba nti, Buli aligamba olusozi luno, nti Sigulibwa, osuulibwe mu nnyanja; nga tabuusabuusa mu mutima gwe, naye nga akkiriza nti ky'ayogera kikolebwa; alikiweebwa.*
>
> *Kyenva mbagamba nti, Ebigambo byonna byonna bye muyaayanira, bwe musaba, mukkirize nga mubiweereddwa, era mulibifuna.*
>
> *Era bwe munaayimiriranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu: ne Kitammwe naye . . . ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe.*
>
> *Naye bwe mutasonyiwa, era ne Kitammwe ali mu ggulu talisonyiwa byonoono byammwe.*

19 Kale nno, okukkiriza, kwesigamizibwa ku kusonyiwa. Era, nga bwe twagambye enkya ya leero, mu kugezaako okuteeka ekkanisa mu kifo we tuyinza okulabira ddala ebyaliwo mu biro by'abatume nga birabisibwa mu makkati gaffe, nga ekyo ffenna kye tuyayaanira okulaba. Ate nga kiri awo wennyini ku luggi. Weewaawo tukiraba, naye twagala tukirabe nga kisingawo obungi. Twagala kikulukute mu ngeri nti kina—kinaatuyamba, okukituusa eri abalala.

20 Mujjukira, Yesu (nga bwe twalabye mu ssomo enkya ya leero), teyakozesaako maanyi Ge olw'okwegasa Ye ku bubwe, yagakozesa ku lwa balala. Gaali gaaweebwa lw'ekyo. Kati ebiseera ebimu ogenda ne weebuuza nti, "Omuntu eyali ajjudde amaanyi agenkanidde awo, nga Ye, yali asobola okulwala?" Yee, ssebo. Waliwo ekitabo kye nnasomako, awantu awamu, bwe

Yazuukiza omulenzi oli, mutabani wa nnamwandu ow'e Nayini (Nzikiriza kiyitibwa, *Omulangira w'Ennyumba ya Dawudi*), nti Yatuula ku lwazi n'asinda nga omutwe gumuluma. Olaba? Yeetikka obunafu bwaffe. *Okwetikka* kitegeeza "kusitula." Olaba, yeetikka. Era yalina ebintu byonna mu...nga bwe tulina. Yalina endwadde, yalina ebikemo, yalina emitawaana, yalina ebinyigiriza nga naffe bwe tubirina, kubanga Yali alina okubeera Omutabaganya omutuufu; kale Yalina okubiregako, nga Omulimi w'ebibala, nga tannaba kumanya. Omukazi oli ku luzzi n'ebintu ebirala bingi, olaba, ssinga twekenneenyeza ddala mu Byawandiikibwa.

21 Njagala ŋŋambe nti nzikiriza buli Kyawandiikibwa, na buli katundu ku Byo okuba nti katuufu. Waliwo abakolokosi leero abataagala kukikkiriza ekyo. Omukolokosi lumu yagamba mbunno, "Yesu bwe yatuma abayigirizwa abo awaali wasibiddwa omwana gw'endogoyi guli, mu masaŋŋanzira, mbu yasooka kukitegeka awo omwana gw'endogoyi we gwali gusibiddwa." Olaba, tebakitegeera nti *Katonda* ye yakitegeka nga tekinnabaawo.

22 Katonda yaŋŋamba, olunaku lwa luli, ku W'oluganda Dauch ono wano, nti nnali wa kuddamu "mmukwateko mu ngalo, mu kkubo." Ekyo kyewuunyisa nnyo, kubanga ku makya g'olunaku olwo ssaaliwo wano; naye ssinga waayita eddakiika nga bbiri, oba eddakiika emu, ssandimusisinkanye mu kkubo. Naye nnava mu mmotoka mu kaseera kennyini ne mmukwata mu ngalo nga ayingira, nga tuli ku luguudo. Yali tantegedde; gaalubindi ze yali aziggyeeko, nga tandaba. Bwe yawulira eddoboozi lyange, n'atandika okukaaba. Kyali kiki ekyo? Ekyo tatera kukikola, naye kwali kwanukulwa ku ekyo ekyamugambibwa waggulu bwe yali akyali mu kasenge nga bamutaddeko omukka ogw'okusobola okussa; nga alina okukikola.

23 Ne ŋŋamba nti, "Ojja kuddamu otuule ne mu kkanisa"; omutima gwe kye gwali guyaayaanira. Bwe twali mu lukuŋŋaana lw'e Chicago, yayagala nnyo okujja mu lukuŋŋaana olwo, omutima gwe gwali gukyagala. Nnamuweereza obubaka bw'okulamusa ku lukomo lwa teregulaamu ku lwaffe n'abaana baffe, ne mmugamba nti tumusabira awone, amangu ddala. Era ow'oluganda ajjudde okwagala, eyamukyalira, n'agamba nti ya—yali ayagala nnyo okujja. Naye kati wuuno atudde wano, naffe, akawungeezi kano. Mukiraba? Ekyo tekyasooka kutegekebwa. Katonda y'omu oyo ye yakitegeka, Aleetera buli kintu okukola mu kiseera kyennyini ekituufu.

24 Omukolokosi omu lumu yagamba mbu "Tekyewuunyisa okuba nti Yesu yasobola okuddira emigaati etaano n'aliisa abantu enkumi ttaano," n'agamba mbunno, "emigaati gyabanga minene mu biseera ebyo, kale mbu Yasalaasalanga omugaati gumu okuliisa abantu olukumi."

25 "Njagala nkutegeeze, obugaati obwo yali ntanda ya kalenzi gye kaalina okulya nga eky'emisana!" Mbu akalenzi akato kaalina emigaati etaano ne gisobola okuliisa abantu enkumi ttaano, bonna ne bakkuta. Kati ate ebisero ekkumi n'ebibiri ebyafikkawo oluvannyuma? Tolaba? Ha, bamala ga . . . abo bakolokosi, ekyo kye bali tewali kirala. Ekyo tekikyusa Kigambo kya Katonda. Kisigala kye kimu, olaba, kyeyongera bweyongenzi mu maaso.

26 Kati, twagala kwogera ku kukkiriza, naye nga kukkiriza kwa njawulo: *Okukkiriza Okutuukiridde*. Ekyo kintu kikulu. Kaakati, okukkiriza, tugambibwa mu Bayibuli nti, "Okukkiriza kujja nga kuyita mu kuwulira." Kati, tosobola kulokolebwa awatali kukkiriza. Era okukkiriza kye kintu ky'olina okukkiriza nti weekiri, nga tewali kintu kirala kiyinza kukikakasa nti weekiri okuggyako okukkiriza. Kati ngezaako okuleeta okukkiriza gye muli, musobole okwetegekera olunyiriri lw'ab'okusabirwa, mu ddakiika entono eziddako.

27 Kaakati, okukkiriza: "Oyo ajja eri Katonda ateekwa okukkiriza nti w'Ali." Era tekisoboka ku—kusanyusa Katonda awatali kukkiriza, tosobola kumusanyusa. Ate bw'ogamba nti okkiriza Katonda . . . tomulabangako, olaba, n'olw'ekyo olina kukikkiriza lwa kukkiriza. Kubanga ate ssinga obadde osobola okumulaba, olwo ate kwandibadde tekukyali kukkiriza. Olaba? Ekintu kyonna obusimu bw'omubiri kye busobola okutegeeza, okwo kuba tekukyali kukkiriza, obwo buba bukakafu obukakasibwa ne ssaayansi; okiraba, okwo kuba tekukyali kukkiriza. Naye Ye olina kumukkiriza nga oyita mu kukkiriza. "Kati oyo ajja eri Katonda ateekwa okukkiriza Katonda; era okukkiriza kujja nga kuyita mu kuwulira Kigambo kya Katonda." Okiraba? Oteekwa okusooka n'okkiriza nti *kino* Kigambo kya Katonda, era oteekwa okujja eri Katonda nga oyita mu Kigambo. Okiraba? Ggwe twala butwazi Ekigambo, kye Kigamba, era "Ekyo ky'ekyo!" Ebirala byonna ebikontana n'Ekyo, si bituufu.

28 Ibulayimu yalina kukkiriza ekyo kyokka Eddoboozi eryo kye lyamugamba. Era ne bwe yaweza emyaka kikumi, nga wayiseewo emyaka abiri mu etaano oluvannyuma lw'ekyo, yali munyweevu nga akyakikkiriza n'okusinga bwe yali emyaka abiri mu etaano mu kiseera we kyamuweerwa. Olaba? Yakikkiriza. Era "Teyasagaasagana ku kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza, wabula yanywera, nga atendereza Katonda, nga amanyi nti Yali asobola okutuukiriza kye Yasuubiza." Era eyo ye ngeri, buli omu bw'atyo bw'ateekwa okuba. Oteekwa okujja n'okukkiriza okutasagaasagana, nga okkiriza nti Katonda ye yakola ekisuubizo. Naye kaakati, waliwo embeera gy'olina okubeeramu okusobola okufuna okukkiriza okwo, era ekyo kye tugenda okwogerako; olaba, okufuna okukkiriza okwo.

29 Mu Abaebbulaniya, Ekitabo ky'Abaebbulaniya, essuula ey'e 11, tugambibwa nti.

. . . okukkiriza kye kinyweeza ebisuubirwa, . . .

30 Kati, wano abantu bangi we balemererwa okufuna okuwonyezebwa kwabwe, oba bye baba basaba okufuna, kubanga baddira okukkiriza ne bakufuula kye kutali. Mukiraba? Baba tebakikkiriza. Okukkiriza si—si . . . si—si kufumiitiriza bufumiitiriza. Kintu kyennyini ekya nnamaddala.

31 Kati, muwulirize n'obwegendereza! Olaba, si kintu ky'ofumiitiriza obufumiitiriza. Kwa nnamaddala nga akasimu k'omubiri gwo konna bwe kakutegeeza ekintu ekirala kyonna. Kwa nnamaddala nga amaaso gange bwe gagamba nti, "Luno lupapula." Kwa nnamaddala nga bw'ogamba nti "eyo ttaala." Kwa nnamaddala nga bw'ogamba nti, "Nkutte ku kkooti yange." Kwa nnamaddala nga—nga bwe mpulira omwana oyo ayogera awo, manya aleekaana. Olaba, kwa nnamaddala bwe kutyo, nga oluyimba oluvuga. Kwa nnamaddala nga bwe nkomba ku kintu n'olulimi mu kamwa kange. Kwa nnamaddala bwe kutyo, okuggyako nti tosobola kukulaga muntu mulala. Obeera nakwo wekka. Amiina! Kukwo. Okukkiriza *kye* kintu ekya nnamaddala; mulabeeyo, si lufumo bufumo. Kati, abantu bangi bajja . . .

32 Kati, bino byakuyigako eby'obuziba ennyo ddala, naye nze ŋŋenda kubikwatako ku ngulu, mmwe munaabigenda mu buziba bwabyo. Mulaba?

33 Mwekkaanye, kuba kintu ky'oba olina mu ttaano; so si kuteebereza buteebereza, bw'oba nga ddala okulina. Kuba kwa nnamaddala nnyo gy'oli nga ekintu ekirala kyonna bwe kiba ekya nnamaddala. Kwa nnamaddala nga—nga bw'obeera okimanyi nti—nti ovuga emmotoka. Kwa nnamaddala nga bw'okimanyidde ddala nti otudde mu kkanisa. Kwa nnamaddala nga bw'owulira eddoboozi lyange. Kintu kyennyini ekya nnamaddala, si kufumiitiriza bufumiitiriza, si nneewulira ey'omunda; wabula kintu kyennyini ky'oba nakyo, era kujja gy'oli kuyita mu kuwulira Kigambo kya Katonda, era kuyita mu Ekyo kyokka. "Okukkiriza kujja nga kuyita mu kuwulira, ate nga kuwulira Kigambo kya Katonda." Ekyo kati, kikizzaayo ku kuba nti okukkiriza kwo, tekuli mu muntu gundi. Tekuli mu muntu. Tekuli mu kibiina. Tekuli mu kibinja kya bantu. Wabula kuli mu Katonda, kubanga Katonda ye Kigambo. Mukiraba? Okukkiriza kwo kuli mu Katonda.

Okukkiriza kujja kuyita mu kuwulira Kigambo kya Katonda.

34 Awo nno Katonda, okuyita mu Kigambo Kye, . . . si okuyita mu kintu omuntu omulala kye yakola, omuntu omulala kye yayogera, wabula okuyita mu Kigambo kya Katonda kye

kigamba. Yagamba nti, "Ekigambo kya buli muntu bubeerenga obulimba, Ekyange gabeere amazima."

35 Kati, ogenda n'olaba omuntu omulala nga aliko ekintu ky'akola nga akozesa ekikolwa manya nga akozesebwa Katonda, oba olw'ekisuubizo kya Katonda; ne wabaawo abalala bangi ne bagamba mbu, "Ekyo, nange nsobola okukikola." Okwo kuba kuteebereza buteebereza. Era bwe bakikola, obasanga baliko eyo awantu awamu gye bakwamidde. Kirina kuba kintu kyennyini ekya nnamaddala. Kati, okwo kuba kukkiriza okutannalabisibwa. Ekyo kiba kintu ekiyinza okukutuusa ku kukkiriza. Kuba tekunnalabisibwa bulabisibwa, nga bw'oyinza okunsaba omuti omusikamooli, naye ne nkuwa ekibala kyagwo. Mu ngeri emu obeera olina omuti omusikamooli, naye nga tegunneezaala; naye bwe gwezaala ne gulabisibwa, guba musikamooli gwennyini. Naawe oyinza okufumiitiriza nti kino Katonda akikola,. . .Naye bwe kikubikkulirwa, olwo, lwe kiba okukkiriza, Okukkiriza Okutuukiridde okutayinza kulemererwa.

36 Eyo ye nsonga lwaki okwolesebwa okwo kukulu nnyo—nnyo gyendi, kubanga kukakasiddwa okuba nti "kutuufu" emirundi gyonna. Olaba? Era mmanyi nti ekyo yakisuubiza Ye. Era yakisuubiza mu Kigambo Kye, era n'Ajja n'akisuubiza na wano eri omulembe guno. N'olw'ekyo, omanya wa w'oyimiridde, bw'Ayogera bw'atyo. Mukiraba, kati ekyo kimpa okukkiriza, kubanga tewali kintu ky'Akola nga kikontana n'Ekigambo Kye ekiri mu buwandiike. Okiraba? Era ssinga kiba kikontana n'Ekigambo, ssisobola kukikkiririzaamu. Kikomerawo ddala ku Kigambo nate, olaba, okukkiriza mu kuwulira Ekigambo kya Katonda. Oteekwa okuwulira Ekigambo! Ekigambo kya Katonda kye Kigambo ekyo ekirimu byonna. Kye kyokka kye weetaaga, kye Kigambo kino.

37 Kaakati, okukkiriza nga bwe kuli ekintu ekya nnamaddala, era nga mu Abaebbulaniya, mwe tusanga kiki okukkiriza kye kwali, n'abo abaalina okukkiriza bye baakola. Olaba, waliwo emirundi mingi abantu lwe baba n'okukkiriza olwa leero, bugenda okukya enkeera nga tebakulina, olunaku oluddako wabaawo *kintu* kirala, n'olulala *kintu* kirala. Naye Katonda bw'akinnyikiza buziba, n'okiraba, waba tewalibaawo kintu kyonna kikikuggyako. Obeera oli mu kweyingiza mu kintu, nga okunuukiriza, weetulinkiriza. Ate *okwetulinkiriza* kwe "kweŋŋanga okukola ekintu nga toweereddwa lukusa," nga ogezaako bugeza ku *kino*, bw'ogezaako ne *kiri*, n'odda *eno*, ate n'odduka n'odda *eno*, ate n'odda muli. Awo obeera tonnafuna Kukkiriza! Naye bwe. . .ekyo kye tuyita *okukkiriza*.

38 Nja—Nja—Nja. . .Munsonyiweko. Njagala mu. . .Weebale, ow'oluganda.

39 Nja—njagala kino mukitegeere kati. Tu. . .Ekkanisa erina

okwesitula nga Yo mu maanyi ga Katonda. Etya? Tuli kumpi nnyo n'enkomerero, kati; era nzikiriza nti Ekkanisa kaakano eri mu mbeera we tusobolera okugisomeseza ebintu eby'ebuziba okusingako, ne yeeyubulako ebimu ku bino eby'okukkiriza okw'okwefaananyiriza obwefaananyiriza, mulaba, n'eyingira mu kintu ekya nnamaddala. Okiraba? Kirina kuba kintu ky'omanyi!

Nga ssinga oŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, eyo si ye ttaala."

"So nga nze nkimanyi nti ttaala."

"Omanyi otya nti ye ttaala?"

"Ngitunuulidde."

"Kati, omanyira ku ki nti toli mukyamu?"

"Kubanga akasimu kange ak'okulaba bulijjo kaŋŋamba nti eyo ttaala." Olaba?

40 Era eyo ye nsonga lwaki nzikiririza mu kwolesebwa okwo, kubanga kye kwolesezza gyendi bulijjo gabaddenga mazima, kubanga kuva mu Kigambo. Okiraba? Kale bw'Akyogera, kiba kimala. Kati, bwe kirabisibwa mu ngeri eyo, waba tewakyaliwo kuteebereza kwonna, kiba kigenda kubaawo. Awo n'olyoka okiwulira nti "BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA," olaba, kubanga kiba kisusse ku ndowooza y'obuntu. Kiba waggulu eri mu ndowooza ya Mukama. Naye ggwe obeera oyimiridde buyimirizi wano, nga bw'olaba Omuzabbibu. . .nga ettabi eribala ebibala ebiva mu Muzabbibu. Olaba? Katonda akozesa muntu, era muntu yekka. Katonda takozesa byuma. Katonda takozesa bibinja bya bantu. Katonda takozesa bibiina bigunje. Katonda bulijjo, akozesa bantu kinnoomu!

41 Kaakati, okukkiriza kye kintu ekya nnamaddala, era okuyita mu kwo, mwe tukitegeerera nti, ebintu ebyo byonna bikoleddwa. Si ku—si kuteebereza, wabula kintu kyennyini ekya nnamaddala; na ddala Okukkiriza Okutuukiridde. Ekyo kye njogerako akawungeezi ka leero, okutuuka ku Kukkiriza Okutuukiridde. Si kuteebereza buteebereza.

42 Kati, abalala, tulina abantu abajja ne bagamba nti, "Ha, okukkiriza kwonna nkulina; ha, mazima nkulina." Kati ate, kiki ekikuyimirizza, wano? Olaba? Olaba? Labayo, ebi—ebikolwa byo byennyini bikakasa nti ekyo ky'oyogerako tokirina. Olaba? Bw'oba olina okukkiriza, kati ate kiki ekikuyimirizza mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa? Olaba? Bino okola byaki?

43 Olaba, ssinga obadde n'Okukkiriza Okutuukiridde, wanditunudde butereevu eri Katonda n'okikkiriza, n'otambula n'ogenda. Kyandibadde—kyandibadde tekikwetaagisa na kujja mu lunyiriri lwa baakusabirwa. Ebintu bino wandibadde tobyetaaga, kubanga okukkiriza kwo kuba kwabikukoledde

dda. Olaba? Kingasaaki okugamba nti, “Nnina okwambala essaati”? Nsangiddwa nga essaati njambadde!

44 “Omanyira ku ki nti oyambadde essaati?”

45 “Kuba, ngiraba, ngiwulira ku mubiri, ate era mmanyi nti kweri.” Kati, bwe kityo bwe kiba ekya nnamaddala nga Okukkiriza Okutuukiridde kusimbye amakanda. Oba tokye—tokyetaaga kintu kirala kyonna. Kiba kiwedde okukolebwa; era nga okimanyi.

46 “Okimanya otya?”

47 “Okukkiriza bwe kutyo bwe kuŋŋamba!” Ky’ekyo. Olaba? Kati mukitegeera, kye ntegeeza? Okwo kwe Kukkiriza Okutuukiridde.

48 Kati, bwe kitaba mu ngeri eyo, ojja kugenda ogamba ŋŋenda kugezaako, “Kati, nja kugenda. Bayibuli egamba nti, ‘Muyite abakadde, bamusiigeko amafuta, bamusabire.’ Kye mmanyi, nja kugendayo.” Awo n’ogamba nti, “Era, nja kuwonyezebwa.” Labayo, awo ky’oba oliko; kati bw’oteegendereza, ojja ku—kukooyera bwereere. Era bw’amala okuyita mu lunyiriri, nga agamba nti, “Ha, naye era ssi—ssiraba.” Okiraba, bw’otyo bwe wabadde, tewabadde na kukkiriza!

49 Okukkiriza kwo kwennyini okutuufu kujja kukikolerawo awo wennyini. Oku—okukkiriza kwo kwennyini okutuufu kujja kukifuula kya nnamaddala gy’oli nti. . . Laba omukazi oli eyalina ekikulukuto ky’omusaayi, yagamba nti, “Ssinga nkwata bukwasi ku mukugiro gw’ekyambalo Kye, nja kuwona.” Era olwakikola bw’ati, yagamba nti “yeewulira muli nga ekikulukuto ky’omusaayi kikomye.” Ddala yakikkiriza.

50 Era bwe yagukwatako. . . okukakasa nti kyali kikomye—kikomye, Yesu yakyuka n’agamba nti, “Ani ankutteko?” Okukkiriza okwo Okutuukiridde! Era Okukkiriza kwe kumu okwo Okutuukiridde akawungeezi ka leero, kujja kukwata ku Yesu Kristo nga bwe kwakola luli. Omukazi yajja n’Okukkiriza Okutuukiridde okw’ekiseera ekyo.

51 Kaakati, kati tukiraba nti, okusooka abayigirizwa baali tebalina Kukkiriza kuno Okutuukiridde. Tebaakulina, kubanga Kristo baali naye, nga batambula naye; naye ate oluvannyuma, Kristo n’aba nga ali munda mu bo. N’olw’ekyo, okiraba nti, kizibu okuba n’Okukkiriza kuno Okutuukiridde awatali Mwoyo Mutukuvu; y’Alina okukuleeta, y’Akikola. Kati, oyinza okwebuuza nti ky’ogamba, “Abayigirizwa tebaalina Kukkiriza Kutuukiridde?” Nedda; kubanga baalina omwana eyagwanga ensimbu, gwe baagezaako okugobamu omuzimu guno, naye ne batasobola kukikola.

52 Era kitaawe w’omwana olwalaba Yesu nga ajja, n’agamba nti, “Tuleese mutabani wange eri—eri abayigirizwa Bo, naye ne batasobola kumuwonya.” Olaba?

53 Oluvannyuma, abayigirizwa ne babuuza Yesu, nga bagamba nti, "Ffe lwaki tetwasobodde kumuwonya?"

54 Yesu n'abagamba nti, "Kubanga, temulina kukkiriza, lwa butakkiriza bwammwe." Ky'ekyo. "Lwa butakkiriza bwammwe ku. . . "

55 Kati mujjukire nti, amaanyi baagalina. Yesu yali abawadde amaanyi okuwonya abalwadde, okuzuukiza abafu, n'okugoba emizimu, ennaku ntono nga ekyo tekinnabaawo. Amaanyi baagalina, naye nga tebalina kukkiriza kusobola kukozesa maanyi ago. Kati nno, Ekkuŋŋaaniro lya Branham awo we liri! Awo Ekkanisa, Omugole, waali leero! Omwoyo Omutukuvu ali wano n'amaanyi, naye mmwe, temulina kukkiriza okwo kusobola kugakozesa. Mulaba kye ntegeeza? Kyetaagisa kukkiriza okusobola okugakozesa.

56 Wano: Nnina essasi lye nnapanze n'engalo. Mmanyi kye liyinza okukola okusinziira ku nkola y'ebintu ebimasulwa n'emmanduso, okufaanako n'Ekigambo, naye nnina okumasula emmundu. Omuliro gulina okutuuka ku buganga. Obuganga bwe bulimu amaanyi, naye bulina okufuna omuliro okusobola okulifulumya. Kye kintu kye kimu, obuganga mwe buli mu kisosonkole ky'essasi, naye bwetaaga okukkiriza okusobola okubukoleeza liryoke lifulume ebweru. Ky'ekyo ekyetaagisa, olaba, Okukkiriza Okutuukiridde okukoleeza amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu gwe tulina kaakano, okuva lwe Yatukkako; okukkiriza okusobola okukoleeza, tulabe ebintu ebikulu, kwe ku. . . okukkiriza, ekintu ekikikuleetera n'okifuna.

57 N'omutima ogujjudde essanyu, oyingira mu kisenge ky'abalwadde, nga omanyidde ddala kiki ky'ogenda okwogera. N'oyingirayo nga omanyi ekigenda okubaawo, nga kimaze okubikkulwa, era nga okimanyi. N'oyingira n'oyogera nti, "Mu Linnya lya Yesu Kristo, situkawo. BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA!" Kuukwo awo; kwe kwo Okukkiriza Okutuukiridde. Ne bwe wabaawo abantu obukadde kkumi nga bayimiridde awo bagamba nti tekisobola kubaawo, ggwe mu buli ngeri obeera omanyi nti kigenda kubaawo, kubanga okimanyi. Kigenda kubaawo. Omuntu yenna ne bw'ayogera ki, ggwe alina okukkiriza.

58 Ggwe osobola okukubamu akafaananyi, nga Yoswa, akuŋŋaanya wamu abakadde ba Isiraeri n'abagamba nti, "Uh, ab'oluganda, kati ffe baweereza ba Mukama, kale njagala mugambe e. . . musabe Mukama bwe kiba kigwanidde bw'a—bw'Aba asobola atwongereyo akadde omusana gugira gwaka, olaba, enjuba agira akyagiyimirizza?"

59 Nedda; yali agyetaaga (era awatali na kusaba, wadde ekirala kyonna), yali agyetaaga, kale enjuba yagiragira bulagizi! N'agamba nti, "Yimirira awo! Nnina kye nnina okumaliriza, era ndi ku mulimu gwa Mukama, era Ye yantuma wano nkole

omulimu guno, era nkolera ddala kye mmanyi ekisingayo obulungi, kaakano abalabe basaasaanye, era babunye emiwabo; ssinga ndeka enjuba n'egwa, bajja kuddamu bakuŋŋaane ate bongere okunkola obubi. N'olw'ekyo, yimirira awo! Naawe, omwezi, toseguka!" Amiina; enjuba yayimirira awo okumala essaawa abiri mu nnya.

60 Kati, bwe kiba nti ensi ye yeetooloola ate ye n'agiyimiriza, nga enjuba ebeera mu kifo kimu teyeetooloola, olwo kyali kiki ekyo ekyabaawo? Kati, awo oba weefudde wekka omukaafiiri, bw'oyogera *bw'otyo*; naye ate era bw'otakyogera, eky'amazima ssaayansi gw'obeera ozannyirako, kubanga bagamba nti ssinga ensi emala n'erekera awo okwetooloola, egwa wansi. Kati olwo kiki? Ate bw'ogamba nti Ekigambo kya Katonda si kituufu, ate olwo obeera mukaafiiri. Olaba? Naye ddala kyaliwo, ekyo kye kikulu. Ssimanyi ngeri ki yennyini gye kyekolamu, wabula kyo kyaliwo!

61 Ssimanyi ngeri Mwoyo Mutukuvu gy'akolamu, wabula mmanyi nti yanzikako. Ssi—ssisobola kunnyonnyola ngeri gy'Akolamu, naye emikisa Gye gyo ngimanyi. Ekyo—ekyo kye nfa—nfaayo okumanya, gy'emikisa gy'Omwoyo Omutukuvu. Eby'engeri gy'akolamu, ebyo Ye y'abikola. Ekyo kyama Kye.

62 Omulenzi ono yali tasobola kuwonyezebwa, kubanga . . . Abayigirizwa amaanyi baagalina; Yesu yabawa amaanyi okuwonya endwadde eza buli kika, okugoba emizimu, okulongoosa abagenge, n'okuzuukiza abafu. Yabawa amaanyi, naye tebaalina kukkiriza kusobola kukozesa maanyi ge baalina. Kye baava baabuuza Yesu nti "Naye, kati, ffe lwaki kyatulemye?"

63 Kati, mujjukire nti, baalina Ekigambo; era Ekigambo mu kiseera ekyo kyali kyambadde Omubiri. Era Kigambo yabagamba nti, "Mbawadde *mmwe* amaanyi." Amiina! "Mbawadde *mmwe* amaanyi." Era amaanyi baagalina, naye tebaalina kukkiriza kusobola kuleetera Kigambo ekyabalimu kukola. Mulaba kye ntegeeza? Naye, Yesu ye yakulina, ye Yali Kigambo, era yalina okukkiriza nti kyonna ky'Ayogera kijja kubeerawo. Yagamba nti, "Ha, mumuleete wano. Nnaatuusa wa okubagumiikiriza?"

64 Yalina okukkiriza, wamu n'amaanyi Ge. Yakola atya? Yagamba nti, "Ssirina kye nnyinza kukola nga Nze." Lwaki? Yeesigamanga ku ekyo kye Yali; Yeesigamanga ku kumanya nti Ye yali Kigambo. Era yalina okukkiriza mu Katonda, Oyo eyamufuula Kigambo. Ye yali Katonda (Kigambo), kale byamulimu, era ekyo kye kyamuwa okukkiriza kubanga yategeera ekifo Kye. Yategeera ky'Ali, kubanga Ebyawandiikibwa byali bigambye nti *kino* ky'Ali. Era wano Ebyawandiikibwa byonna byali bikwatagana, okukakasa nti

Yali ekyo kyennyini Ebyawandiikibwa kye byagamba nti ky'Aliba, kale yali amanyi kiki ky'Ali.

65 N'olw'ekyo, yeesigamanga ku ekyo Katonda kye yamufuula okuba. Kati bw'aba nga ekyo yakikola Ye, ffe tetusobola kwesigama ku ekyo Katonda kye yatufuula okuba nga abakkiriza? "Obubonero buno bunaagobererenga abo abakkiriza!" Yalina okukkiriza mu ekyo kye yali. Era bw'oba mukkiriza, obeera n'okukkiriza mu ekyo ky'oli: oli mukkiriza! Era bw'oba n'okukkiriza mu Katonda, Bayibuli egamba wano mu . . . "Emitima gyaffe bwe—bwe giba gitusalira omusango, awo tuba tetusobola kuba na kukkiriza; naye emitima gyaffe bwe giba tegitusalira musango, awo tuba n'okukkiriza, tuba n'obugumu eri Katonda." Ekyo bwe muba mwagala okukisoma, kisangibwa mu njiri y'Omutukuvu Yokaana 3:21. Ekyawandiikibwa nkirina nnakiwandiise.

66 Kaakati mwetegereze, Omutukuvu Yokaana . . . manya Yokaana Ekisooka 3:21. Weetegereze.

> . . . *emitima gyaffe bwe gitatusalira kutusinga,* tuba tulina *obugumu* eri *Katonda.*

67 Naye kasita oba nga okola ebintu ebikyamu, toyinza kuba na bugumu eri Katonda. Kati, okiraba, oyinza . . . ojja kukimanya bumanya nti oli mukyamu. Wezzaayo wekka emabega mu kuba omwonoonyi, bw'okitegeera nti oli mukyamu. Naye omutima gwo bwe guba tegukusalira musango, era nga omanyi nti oli mukkiriza, era nga tewali kyekiise wakati wo ne Katonda, osobola okusaba kyonna ky'oyagala nga okimanyi nti kijja kukuweebwa, kubanga naawe Kigambo kye kikuweereddwa era nga bwe kyaweebwa abayigirizwa bali.

68 Kati, awo kimu kyokka ky'oba olina okukola, kwe kuba n'okukkiriza mu ekyo ky'oli. Beera n'okukkiriza mu ekyo Ekigambo kye kigamba nti ky'oli! Ne Yesu yalina okukkiriza mu Kigambo kya Katonda, ekyayogera kye yali n'agamba nti, "Kyampandiikwako." Dawudi, mu Zabbuli; ne mu bannabbi, n'abalala bonna tebaamwogerako? "Nze Mugaati ogw'Obulamu ogwakka okuva mu Ggulu ewa Katonda." Amiina! "Nze Muti guli ogw'Obulamu mu lusuku Adeni. Nze bintu bino byonna, YE NZE NDI OLI." Nga alina Okukkiriza okwo Okutuukiridde, Yamanya nti Ye Masiya omufukeko amafuta, era nti Omwoyo wa Katonda yali ku Ye. Yagamba nti, "Kati, Nze, ku Lwange, ssirina kye nkola; wabula okukkiriza Kwange mu Katonda." Era Katonda yali mu Ye, Ekigambo ekirabisiddwa. N'olw'ekyo Ekigambo kya Katonda bwe kijja mu ggwe, kirabisibwa, kubanga oli mukkiriza. Olaba? Ate omukkiriza kuba "kukkiriza kwa Katonda nga kwe kukolera mu ggwe."

69 Mukyagala ekyo? Nja—nja—njagala nnyo bwe mu . . . njagala nnyo okuyigiriza ku . . . engeri y'oku . . . kiki ddala okukkiriza kye kuli.

70 Nga Ategeera kiki kye yali, awatali kubuusabuusa n'akamu, yakimanya nti ye Yali Omwana wa Katonda. Yakimanya, kubanga Ekigambo kyakiraga. Ekigambo kya Katonda kyalaga kiki kye Yali. Yagamba nti, "Bwe ssikola mirimu gya Kitange, kale temunzikiriza; naye bwe—bwe mba nga emirimu egyo si gye nkola, temunzikiriza. Naye bwe mba gye nkola, kale mukkirize emirimu, kubanga egyo kye Kigambo ekyasuubizibwa." Ha, ekyo ssinga musobola okuzuukuka ne mukiraba, ne bw'eba ddakiika emu bw'eti! Mukiraba, Ekigambo kyennyini kyamwoleka, kye yali. Era n'Agamba nti, "Ani ayinza okunvunaana ekibi?" Amakulu nti, "Ani ayinza okundaga nti obulamu Bwange n'emirimu Gyange tebituukiririza ddala ebyo byennyini Masiya by'ateekwa okukola?" Nga tewali ayinza kunyega; kubanga kye Yali. Awo n'Aba n'okukkiriza okusobola okukkiriza, nti; buli kimu kyonna ky'Anaayogera, kinaatuukirira.

71 Awo n'Akyuka n'agamba nti, "Emirimu gye nkola Nze, nammwe muligikola. Esigadde akaseera katono, ensi obutaddamu kundaba; naye mmwe mulindaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe. Temweraliikiriranga kya kwogera, kubanga si mmwe mwogera, wabula Kitammwe ali mu mmwe; Ye y'aba Ayogera. Kale si Nze, wabula Ye Kitange Oyo atuula mu Nze, y'Akola emirimu." Mulaba kye ntegeeza?

72 Kati, ekyoleka Omukristaayo ow'Ebyawandiikibwa, bino bye Bigambo Yesu bye yayogera nti: "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Kati, muyinza mutya okweyita abantu, abakkiriza, ate ne mwegaana Ebigambo ebyo? Oyinza otya okweyita omukkiriza ate n'obaako kye weegaana ku Kigambo kino? Okiraba? Toyinza kukikola. Oba toli mukkiriza, n'olw'ekyo obubonero buba tebusobola kugoberera, kubanga ggwe okkirizaako ebyo byokka by'oyagala okukkiriza ate ebisigadde ku Kyo n'obireka . . . n'ota—nga tobikkiriza. Naye ekintu kyonna olina okukitwala bulambirira, n'okikkiriza. Era bw'okkiririza ddala (nga si kwefaanayiriza bwefaananyiriza nga akkiriza, naye nga okkiririza ddala), olwo obubonero buno buba bujja kugoberera abo abakkiriza.

73 Ha, ddala osobola okugeraageranya Omukristaayo ow'ennaku zino n'Abakristaayo bali ab'edda? Abayigirizwa abo engeri gye baatambuliranga mu maanyi ag'Omwoyo, nga Omwoyo Omutukuvu y'abakozesa, ne bakola. Nga musibe awedde emirimu, nga bwe nnakibuulirako ekiro kya luli, omusibe eri Ekigambo n'ebyo Katonda by'ayagala bikolebwe; nga taseguka na kuseguka kubaako ky'akola okutuusa nga Katonda y'amukozesezza. Temwandyagadde okulaba Ekkanisa efaanana bw'etyo nga esituka? Egenda kusituka; eddayo ku ekyo. Ki—kiteekwa okubaawo. Ky'ekyo ddala. Kiteekwa oku- . . . Nzikiriza, kiri mu kkubo kijja.

74 Kubanga Kigambo yeeyoleka, yeeyoleka ye Mwene, kiki kye Yali; era Ekigambo kye kimu naffe kye kitwoleka kiki kye tuli.

Mulaba? "Omuntu bw'anjagala Nze, akuuma ebiragiro Byange. Naye bw'agamba nti anjagala Nze, ate n'atakuuma biragiro Byange (byonna), aba mulimba, nga n'Amazima tegamuliimu."

75 Oyinza okugamba nti, "Naye, nze ssikkiriza byonna . . ." Kati awo, ekyo . . . ggwe oba mutakkiriza, kye kyokka. Bayibuli bw'eba bw'etyo bw'egamba, ekyo kikifuula kituufu, ekyo kimalawo empaka emirembe Egitaggwaawo. Bayibuli kye yayogera, ge Mazima.

76 Mwetegereze we Yatugamba nti, "Bwe munaabeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe." Omutukuvu Yokaana 15, "Bwe munaabeera mu Nze, . . . " Okiraba, okubeera n'okukkiriza mu Ye. "Bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo Byange ne bibeere mu mmwe, olwo *musabe* bye mwagala."

77 Kati, mukiraba, Yali amanyi ky'Ali, n'olw'ekyo yalina okukkiriza. Okukkiriza kwasobola okubala ebibala bwe yamanya ky'Ali. Kati, "Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe," kati awo muba mumanyi kiki kye muli. "Musabe kye mwagala, kinaabaweebwa."

78 Ekyo tekyandibadde kya kitalo, akawungeezi kano, ssinga buli anajja mu lunyiriri olwo olw'ab'okusabirwa, agamba nti, "Ndi Mukristaayo. Ssiriiko kya kunenyezebwa. Mma—mmanyi nti omutima gwange tegunsalira musango. Waliwo ekiŋŋamba nti akawungeezi ka leero ye nkomerero y'okubonaabona kwange"? Ekyo, bw'oba ky'ogenda okukola. Waliwo ky'ojja okuva nakyo wano. Ne bw'ojja n'enneewulira ezenkana wa, ne bw'okola otya, tebijja kukola okutuusa nga Okukkiriza okwo Okutuukiridde kulabisiddwa era nga kulabikira mu ggwe, nga ekintu kyennyini ekya nnamaddala. Era bwe kubaawo, olwo tewali kintu kyonna kijja kukusagaasaganya kukukuggyako.

79 Ssinga—ssinga obadde mulwadde wa kookolo, nga omusawo yakugambye eggulo limu nti tojja kutuusa ku makya ga Bbalaza nga tonnafa, (nga omutima gwo gwonna, amawuggwe go galiiriddwa, wenna kookolo akumazeewo, nga omusaayi gwo gwonna gujjudde kookolo, na buli kimu kyonna); naye ne wajjawo Ekintu nga kirimu ekya nnamaddala kino eky'okukkiriza kuno okutuufu, nga Okukkkiriza Okutuukiridde kufuuse ekintu ekya nnamaddala mu ggwe, omusawo oyo wandimusekeredde.

80 Wandibadde nga muzeeyi Eriya, bwe yatambula ng'adda eno n'eri mu maaso g'ekifaananyi, n'abagamba nti, "Temuukangule ku ddoboozi? Oba oli awo yatambuddeko." Yali amanyi ky'agenda okukola, kubanga Katonda yali amubuulidde ebyali bigenda okubaawo. Yagamba nti, "Leka katonda anaayanukula n'omuliro, y'aba abeera Katonda."

81 Ne bagamba nti, "Ekiteeso ekyo tukikkirizza." Ne bayiwa amazzi ku byoto. Ne bee—beesalaasala, ne bakola buli

kimu kyonna, ne bakoowoola, "Ayi Bayaali! Ayi Bayaali! Twanukule!"

82 Eriya nga ye mukkakkamu ebitagambika. N'abagamba nti, "Mukangule ku ddoboozi," n'agamba—n'agamba nti, "osanga yatambuddeko. Ayinza—ayinza okuba yagenze kuloba byennyanja. Oba oli awo, alina ekirala ky'akola, mulaba. Nga aliko gye yalaze." Neba . . . Yabakiina bukiinyi, kubanga yali akimanyi nti kigenda kubaawo.

83 Ha, weetegereze bwe yamala okutegeka buli kimu. Yeesowolayo n'agamba nti, "Mukama Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Isiraeri!" Kati teyamuyita linnya lye *Yakobo*, "omukuluppya." Yamuyita *Isiraeri*, "omulangira eri Katonda."

84 "Mukama Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, n'ow'Omulangira oyo (Yakobo), leka kimanyibwe olwa leero nti ndi muweereza Wo; era kino nkikoze, nga si nze njagala, nga si nze nkitegese, naye nkikoze ku lwa kiragiro Kyo; nga bw'Oyagala, Ggwe waŋŋambye eky'okukola. Ggwe wandaze nga ebintu bino byakubeerawo. Kaakano, ekyoto nkiyiyeeko amazzi. Ebintu bino byonna mbikoze okusinziira ku kiragiro Kyo. Kaakano, leka kimanyibwe!" Era ekyo olwakyogera, omuliro ne gukka okuva mu ggulu. Yali mukakafu ddala nti gwali gugenda kukka, kubanga yalina ekya nnamaddala. Lwaki? Ekigambo bwe kityo bwe kyali kigamba.

85 Kati, Bayibuli y'emu eno kye Kigambo kya Katonda kye kimu. Era bw'ofuna ekya nnamaddala (nga kwe Kukkiriza Okutuukiridde); ekya nnamaddala ekiraga nti ekisuubizo kino Katonda kye yakola *kikyo*.

86 "Owulira otya, Ow'oluganda Branham, bw'oyimirira awo n'olaba abantu ab'ennimi ez'enjawulo nga bajja n'ebintu ebyo byonna? Ofuna okutya?" Nedda, ssebo. Nedda, ssebo. Yagamba bw'atyo! Ssityangako, kubanga bw'Atyo bwe yaŋŋamba, era nzikiriza nti ago ge Mazima.

87 Ssinga akawungeezi kano aŋŋamba, ŋŋende mu limbo gye baziika abakulembeze b'eggwanga nzuukize George Washington enkya ku makya, nnandiyise ensi yonna okubeerawo ne ŋŋamba nti, "Mujje mulabe nga kikolebwa." Nnandibagambye nti, "Muleete buli . . . muggyeeyo—muleete abakolokosi bonna be mulina bajje bayimirire wano, mugenda kulaba Ekitiibwa kya Katonda. Akatebe kateeke erudda wano w'osobolera okutuula n'owummulamu; mu kaseera buseera ajja kuba wano, amangu ddala nga mmuyise."

88 Ekiro ekyo akalenzi kali eri mu Finland, ku lunaku olwo, manya; kaali kagalamidde awo kaafudde dda, nga kamazeewo ekitundu ky'essaawa, konna kabetenteddwa, omusaayi gukava mu maaso, mu matu ne mu nnyindo; nga obugulu bwako bumenyekedde, mu bu sitookingi bwako; nga obugere bwako buyiseemu mu sitookingi, nga n'engatto zaako zaagudde eri.

Nnatunula, ne ndowooza muli nti, “Oyo ateekwa okuba nga ye mulenzi oli.” Ne ŋŋamba nti, “Leka, tukebereko emabega mu Bayibuli eyo, Ow’oluganda Moore.”

89 Ow’oluganda Lindsay, Ow’oluganda Moore ne bakebera emabega nga kigamba nti: “‘Awo olulituuka,’ BW’AYOGERA MUKAMA,” (Ha, bannange!) “‘walibaawo e—ensi erimu omuddo mungi ogwa kiragala. Enjazi ziriba zikwataganye. Akalenzi akato nga enviiri zaako zikomoddwa erudda n’erudda, nga akawale kagattiddwa mu kiwato n’amapeesa, nga obugere bwako . . . nga bu ssitookingi bwako busikiddwa okutuukira ddala waggulu. Kaliba n’amaaso ga kitaka, nga ebyeru bizze ku ngulu. Kaliba kafiiridde mu kabenje ka mmotoka. Naye okateekangako emikono gyo, era kalizuukira.’”

90 Nga ky’Ekyo kyennyini, nga kiwandiikiddwa awo. Akalenzi nga kali awo, amiina, kalinze bulinzi Kigambo. Ne ŋŋamba nti, “Omulenzi ono bw’atazuukira mu ddakiika ntono okuva kati, olwo nnaaba ndi nnabbi wa bulimba, mungobe mu Finland. Naye bw’azuukira, mugwe ku maviivi gammwe mwenenye!”

91 Ne ŋŋamba nti, “Ggwe okufa, tosobola kumulemera.” Ne nkowoola omwoyo gwe okusinziira ku Kigambo kya Katonda, “Mu Linnya lya Yesu Kristo,” n’abuuka. Bwe kiri! Olaba? Ha, bannange! Okukkiriza, olaba, kwasimba amakanda. Katonda bw’atyo bwe yayogera, kiikyo awo!

92 Kaakati, oyo—oyo Katonda nga ayogera mu nnaku zino okuyita mu kwolesebwa. Naye kino: ssinga okwolesebwa okwo kwali kukontana na *Kino*, kwandibadde kukyamu; *Kino* kisinga ku kwolesebwa. Okwolesebwa kwonna bwe kuba kukontana n’Ekigambo, kuveeko; okwo si kwa Katonda, Katonda takontana na Kigambo Kikye ku Bubwe.

N’olw’ekyo, Ekigambo kino bwe kibaako ne kye kikugamba, osobola okuba n’obugumu bwe bumu mu ekyo ekigenda okubaawo. Tewali kintu kyonna, . . . Bwe Kigamba nti, “Banaateekanga emikono ku balwadde era banaawonanga”; nkubuulira, ow’oluganda, ssinga okukkiriza, Okukkiriza okwo Okutuukiridde, ekyo kumala ne kukikwata, wandi . . . bwe wandizze mu lunyiriri luno olw’ab’okusabirwa, wandibuusebuuse n’okuleekaana n’oleekaana okutuusa lwe . . . wano wandivuddewo ogamba nti, “Kiwedde!” Kiwedde! Kyonna kiwedde, kiggweeredde ddala! Bwe wandibadde n’ekyetaago mu mutima gwo n’okkiriza nti essaala eyo bw’esabiddwa olw’ekyetaago ekyo, kigenda kuddibwamu, tewandibaddewo kya kukubaganyaako birowoozo, ekyo ky’ekigenda okubaawo; nga omukazi eyalina ekikulukuto ky’omusaayi.

93 Yesu yalina Okukkiriza Okutuukiridde. Ya—Yakulina, era kwajja kubanga Ye yali Kigambo. Naawe ofuuka Ekigambo; ofuuka Ekigambo, buli lwe weeyongera okusembeza Ekigambo.

"Bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo Byange mu mmwe. Ebigambo Byange ebi . . ." (Ekigambo *kino*) "bwe kibeera mu mmwe, awo musabe kye mwagala, era kinaabakolerwa." Olaba? "Bw'oyogera eri olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otobuusabuusa, wabula n'okkiririza mu ekyo ky'oyogedde, ojja kufuna ky'oyogedde. Bw'osaba, kkiriza nti ofunye ekyo ky'osabye, era ojja kukifuna; kijja kukuweebwa." Ka bibe biseera, oba bbanga, tewali kirikikyusa. Obeera okimanyi nti kikoleddwa. Kiwedde okukolebwa—kiwedde okukolwako.

94 Kaakati, mwetegereze! Kaakati, era Yatugamba nti, "Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe," Omutukuvu Yokaana, wano, "muyinza okusaba kye mwagala, kinaabakolerwa." Kati, tegeera ekifo kyo mu Byawandiikibwa, nga omukkiriza. Okiraba, oteekwa okutegeera ekifo kyo, nga naye bwe yategeera ekifo Kye.

95 "Tekyawandiikibwa nti Kristo alijja, era ne biki byonna Kristo by'alikola?" Yagamba Kulyopa ne banne ku makya ago nti, "Tekyawandiikibwa mu Byawandiikibwa nti baali ba ku . . . nti Yali ateekwa okubonaabona alyoke attibwe era azuukire ku lunaku olw'okusatu?" N'abagamba nti, "Lwaki mulwawo okutegeera?"

96 Ne balowooza muli nti, "Abaffe, ono omusajja enjogera ye nga ya njawulo ku y'abasajja abalala." Baagenda okukizuula, bwe baatuuka mu kisulo, nga yabadde Ye. Olaba, amaaso gaabwe gaazibwa obutamutegeera nti ye Ye. Olaba, baakitegeera nti Yagenda akkaatiriza Ekyawandiikibwa ekyo, olwo ne bakitegeera nti Abadde Ye.

97 Kaakati, oteekwa okukkiriza ekyo ky'osaba. Bw'oba oli mukkiriza, weetegeere nti oli mukkiriza. Tegeera nti ebintu bino bibyo.

98 Bwe wabaawo okusalirwa omusango kwonna mu bulamu bwo, sooka okutereeze. Olaba? Bw'oba olina okusalirwa omusango mu . . . Nze . . . oba oyinza okuyita Oral Roberts n'a—n'abalala nga kkumi na babiri abalina okukkiriza okujja wano ne bakusabira, ne babuukabuuka, ne bakuyiwako ggalani ne ggalani z'amafuta, era ki—kisigala ki—tekijja kuvaawo. Ekyo kituufu.

99 Biki ebiva mu nkuŋŋaana za Oral Roberts ebifaananako n'ekyo? Mbikwatira mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa. Mumuwulira nga Agamba nti, "Wali osabiddwako. Waliwo omusajja ow'enviiri enzirugavu, musajja munene, alina emba nnene." Oyo ye Oral Roberts. Mukiraba? "Era ekyo kyaliwo mu kibuga *gundi*; ekiyitibwa *bwe kiti*, ne *bwe kiti*."

100 "Weewaawo, bwe kiri." Olaba?

101 "Wali osabiddwako omusajja *bw'ati-ne-bwati*." Mulaba, bwe kityo. "Naye kiikino. Kino kye kikutawaanya." Okiraba? "Genda otereeze ekintu ekyo. Genda weenenyeze balo ekibi ekyo,

oba mukyala wo. Genda okole ekintu *kino*." Tekirikuyamba n'akatono, k'abeere ani gw'osabira, okutuusa nga omaze okutereeza ekintu ekyo. Mu mutima gwo mulimu okusalirwa omusango, era Katonda tayinza kujja mu mutima nga ogwo gusalirwa musango. Olaba? Katonda tagutuulamu; olina okukitereeza. Ate bw'omala okukikola, oteekwa okuba n'okukkiriza. Byonna bwe biba bitereezeddwa, oteekwa okubeera n'okukkiriza n'okikkiriza. Totya.

102 Mu Kitabo kya Yobu, Kigamba wano nti, "Yobu yatya." Era ekyo kye yali atya, kyennyini kye kyamutuukako. Kiki ekyakireeta? Kutya kwe. Ekyo kye kyakireetera okubaawo. Okukkiriza kwe kwandikiziyizza ne kitamutuukako, naye okutya kwe kwamu . . . kwe kwakimutuusaako. Yeeraliikirira nti kigenda kumutuukako, era ne kimutuukako. Kaakati, ssinga kyali nti—ssinga yakimanya nti tekisobola kubaawo, tekyandibaddewo. Mulaba kye ntegeeza?

103 Bw'oba otya bw'ojja mu lunyiriri okusabirwa nga ogamba nti, "Oba oli awo ssirina kukkiriza kumala"; kiba tekijja kubaawo, teweeraliikirira. Olaba? Naye bw'omanya nti kigenda kubaawo, kiba kijja kubaawo. Okiraba? Olaba, kintu ekya nnamaddala ekikwatikako. Yobu yatya nti ebintu bino bijja kumutuukako, era byamutuukako. Bw'obeera n'okutya nti endwadde yo egenda kukuvaako . . . manya tegenda kukuvaako, tejja kugenda. Bw'obeera n'okukkiriza, nti ejja kugenda.

104 Ggwe ojje obuuze omusawo w'eby'obulamu yenna. Ekintu ky'ajja okusooka okugezaako okukuleetera okukola, kwe kuba n'obwesige mu ddagala ly'akuwa. Bw'oba tolirinaamu bwesige, kisingako n'olireka. Olaba? Ddala! Olwo kiba kiki ekyo? Kuba kukkiriza kwe kuwonya; okukkiriza kwe kukikola ekiseera kyonna.

105 Peetero, yali bulungi okutuusa bwe yatya. Kigambo yamugamba nti, asobola okutambulira ku mazzi. Yasooka kutya, nga alowooza mu—muzimu, n'agamba nti, "Mukama, bw'oba ye Ggwe, ndagira nzije gy'Oli ku mazzi."

106 N'amugamba nti, "Jangu." Kati, ekyo kye kimu ne Yakobo 5:14, kye kimu ne Makko 16. Katonda y'omu y'eyakyogera, n'agamba nti, "Jangu." Bw'atyo n'atandika okutambula. Yakola bulungi, n'ava mu lyato, n'atandika okutambula . . .

107 Waaliwo omuyaga ku nnyanja, nga bwe mumanyi; amayengo ag'amaanyi, ag'ebisiira, nga manene n'okusinga obusozi obwetoolodde wano, nga gabimba ejjovu ku ngulu; nga gatiisa, oba oli awo nga gaweza ffuuti nga kkumi na ttaano, oba abiri ez'ejjovu, nga amayengo ago gayira. Era ddala ekyo kyali kintu kya katyabaga gy'ali okugamba nti, "Bw'oba nga ye Ggwe, Mukama, . . . " Olaba, Yali afaanana nga e . . . kyalabika nga ekisiikirize manya omuzimu. N'agamba nti, "Bw'oba nga ye Ggwe, ndagira nzije gy'Oli ku mazzi."

108 Yesu n'agamba nti, "Jangu."

109 N'avaamu, n'agamba nti, "Ye Mukama, leka ntambule." Naye amaaso ge bwe yagateeka ku mayengo, awo n'atya. Kiki ekyamujjira mu birowoozo bye? Okusooka, ya... "ŋŋenda kutambula kubanga Ekigambo kiŋŋambye ntambule." Naye ekyaddako, n'atunuulira ebi...kale, n'atunuulira ebyali bimwetoolodde; n'atunula emabbali n'alaba obunene bw'amayengo ago, n'atya; era olwatya, n'abbira. Mukiraba? Kye yatya, kyabaawo! Kye yakkiriza, kyabaawo! Bwe yakkiriza nti asobola okutambula, yatambula; bwe yakkiriza ate n'atya, wakati mu kukkiriza kwe, awo ekya nnamaddala kye yalina ne kimuvaako. Mukiraba? Yasigala akyayatula nti alina okukkiriza kwe, naye nga ekya nnamaddala takirina. Ekya nnamaddala kyandisusse waggulu w'ejjengo eryo ery'ebisiira ne kituuka gy'Ali, olaba, ssinga yalina Okukkiriza Okutuukiridde. Okiraba? Naye teyakulina. Yalowooza nti akulina. Okusooka yakulina, yali mwetegefu okuvaayo atambule nga agamba nti, "Kasita, *Mukama* y'aŋŋambye okukikola, kirina okubaawo." Bw'atyo n'ava mu lyato, n'atambula. Teyalowooza ku ma—ma—ma—mayengo, oba gaali gatabuse kyenkana wa. Ekyo teyakifaako mu birowoozo bye.

110 Kati, bw'otandika okulowooza muli nti, "Naye, lindako. Ate omanyi, mbadde mulwadde okumala ebbanga ddene nnyo, ndi..." Koma awo! Ggwe kisingako n'oddayo mu lyato. Olaba? Olaba? Naye bw'olekera awo okulowooza ku ebyo,...

111 "Ibulayimu teyafaayo ku mubiri gwe, ogwali omufu, newankubadde obufu bw'enda ya Saala." Teyabirowoozako ebyo, teyabifumiitirizaako wadde. Tebyajja wadde mu—mu kutegeera kwe. Teyabifaako wadde n'akatono; yalowooza ku ekyo Katonda kye yali ayogedde, n'agenda mu maaso. Kasita—kasita Peetero yasigala nga akyakola ekyo, yatambula.

112 Naye Yesu yabeeranga mu nsi etaategeerwa muntu yenna, yali Muntu mwawufu ku balala bonna. Yabeeranga mu nsi ey'Okukkiriza Okutuukiridde mu Katonda Atuukiridde, mu ekyo kye Yali. Ssinga tubeera mu Kukkiriza Okutuukiridde okw'Omukristaayo, eri ekyo kye tuli, twandibadde tetutegeerekeka eri ensi; abantu tebandikutegedde. Wanditambulidde mu Mwoyo. Omwoyo ky'aba agambye, kye wandikoze. Ky'Aba agaanye, tewandikikoze. Era abantu banditandise okugamba nti...bandi...wandibadde mu—muntu atategeerekeka gye bali.

113 Bwe kityo bwe kiri ku bakkiriza bonna, tebategeerekeka. Abantu tebabategeera, kubanga babeera mu nsi yaabwe ku bwabwe. Yesu yabeeranga mu nsi omuntu omulala yenna gye yali tasobola kukwatako. Abayigirizwa baali tebamutegeera. Bwe Yayogera gye bali, nga bagamba *kino*. Kye baava bamubuuza nti, "Naye, Oyo—Oyogerera mu ngero! Ffe—ffe bino tetubitegeera.

Kino kiyinzika kitya?" Okiraba, bo tebaali mu nsi Ye gye yabeerangamu. Okiraba, baali tebasobola kumutegeera, tewali n'omu yali asobola kumutegeera.

114 Kale n'olw'ekyo omuntu bw'abeerawo olw'okukkiriza, nga atambula lwa kukkiriza, ntegeeza okukkiriza okukwatikako, abeera yeeyawudde ku nsi yonna era aba afuuse kitonde kiggya mu Kristo. Awo, kati obeera ofuuka Mugole. Olaba? Olaba? Olaba? Obeera oyingira mu mbeera y'okukwakkulibwa, kati awo. Ekyo kikwata ku buli omu ku ffe; ssi musumba yekka, oba badiikoni, oba abayima b'ekkanisa. Ekyo kiri eri ekibiina kyonna, buli muntu kinnoomu nga atambulira mu nsi eyiye wamu ne Katonda we. Nga obatiziddwa okuyingira mu Bwakabaka buno, era nga teri mulala yenna munda eyo okuggyako ggwe ne Katonda. Olaba? Nga Akuwa ebiragiro, ggwe n'obikola. Nga kyonna ky'Ayogera, tewaba kubuusabuusa kwonna, ogenda bugenzi mu maaso. Nga Mukama bw'agamba *bw'ati*, tewali bigambo bya muntu yenna mu nsi biyinza kukikuggyako, nga weeyongerayo bweyongezi mu maaso. Kati awo obeera oyingira mu Kukkiriza Okutuukiridde, okutuukirira okujjuvu okutayinza kulemererwa. *Okwo* okukkiriza tekulemererwa. Ddala, Yali tategeerekeka gye bali n'Okukkiriza Kwe Okutuukiridde; era ne kaakano bwe kityo bwe kiri ne ku abo abalina Okukkiriza Okutuukiridde, tebategeerekeka eri abalala.

115 Tuyigirizibwa "okuziyizanga ssetaani, naye anaatuddukanga." Kati, *okuziyiza* kitegeeza "butafaayo ku by'agezaako kukola"; muziyize *buziyiza*, nga kitegeeza nti "kiviire buviizi." Katonda bw'abaako ekintu gundi kye yayogera; ssetaani ne bw'agezaako atya okukugamba ekintu kyonna, ggwe n'okumuwuliriza tomuwuliriza. Olina . . . amatu go gaba gazibiddwa eri ekintu ekirala kyonna okuggyako ekyo Omwoyo ky'ayogera. Olaba? "Eri oyo alina okutu (oyo awuliriza), alabe Omwoyo ky'agamba amakanisa"; oyo alina ekiwuliriza, ekikwata Omwoyo by'agamba amakanisa. Olaba?

116 Ssetaani by'agamba mbu, "Naye, ssisobola . . ." Ebyo tebirina kakwate na . . . "Naye, bw'onoyigiriza *bw'otyo*, ekibiina ky'eddiini kijja kukuteekako . . . " Ekyo tekirina kakwate konna nakyo, agenda bugenzi mu maaso.

117 "Oyo alina okutu, leka awulire Omwoyo ky'agamba amakanisa." Okimanyi nti, mu Bayibuli, wonna ebeera Eyogera ekyo. "Oyo alina okukkiriza. Oyo alina okutu, leka awulire." Olaba? "Oyo alina amagezi, leka abalirire omuwendo gw'ensolo." Ebintu bino byonna ebitali bimu. "Oyo alina, leka akibuulire abalala bonna, basobole okufuna."

118 Kati ekyo twogera ku kuyita mu kukkiriza, okukkiriza okwo nti olina okuba, n'Okukkiriza okwo Okutuukiridde; okwo Okukkiriza okugamba nti, "Weewaawo!" Waba tewaliiwo kintu

kyonna kiyinza kugamba nti "nedda" nga Katonda agambye nti, "Weewaawo." Olaba? Bw'Agamba nti "Weewaawo," Kiba "Weewaawo!" Era tewabaawo kirala kiyinza kukikuggyako.

119 Nga alina Okukkiriza Kwe okwo Okutuukiridde, Yali wa kyewuunyo nnyo. Era Ssetaani teyamuliraananga kumala bbanga ddene nnyo. Twakirabye mu ssomo ly'enkya ya leero. Bwe yajja n'obulimba obwo obw'ekitalo obw'a—obw'amagezi ag'omu bwongo, yagezaako okulimbalimba Yesu bwe yajja, naye yagenda okukizuula nga waya gy'akutteko ya masannyalaze ga volutisi omutwalo mulamba: ne gaddamu ne gamukasuka muli nate. Yee, ssebo. Yagamba nti, "Kyawandiikibwa, omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka!" Hwyu! N'agwamu ekyekango.

Omulundi ogwaddako yajja agonzeemu katono, bwe yagamba nti, "Kati Oli Musajja wa maanyi, Osobola okwegulumizaako naawe, n'oba wa kitalo."

120 N'amugamba nti, "Dda ennyuma Wange, Ssetaani." Ha, bannange, nga yagwa ku kyokya! N'era nti, "Tokemanga Mukama Katonda wo." Olaba, Yeekakasa eri Ssetaani nti Ye Mukama Katonda. "Kubanga kyawandiikibwa nti, 'Tokemanga . . . '"

121 Kati, ssinga—ssinga Ssetaani yali takimanyi nti oyo ye Mukama Katonda, yandigambye nti "Lindako katono, si ggwe Muntu oyo." Naye yali amanyi okusingako awo nga tasobola kumuwakanya Ye.

122 Yali amanyi wa aw'okuyimirira. Yagamba nti, "Tokemanga Mukama Katonda wo." Era nga ye Yali Ye. Ne Ssetaani yali amanyi bulungi nga tasobola kwogera atyo, kubanga emirimu gya Yesu gyali gyakakasa dda nti Ye Mukama Katonda wo.

123 Weetegereze kati ekirala. Okukkiriza Okutuukiridde kwe kufuga embeera zonna. Okukkiriza Okutuukiridde kufuga embeera zonna. Ne bw'eba mbeera ki, Kugifuga. Kaakati, ggwe labayo! Bw'obaako ekintu kyonna ky'okkiriza, bw'obaako ekintu kyonna ky'okola, nga olina okukkiriza mu ekyo ky'okola; embeera ne bw'eba etya, terina w'ekukoseza. Okiraba, kufuga embeera eyo. Bwe kiba mu ka—mu kasenge k'omulwadde, nga Mukama akibikkulidde nti ekintu kino kigenda kubaawo, ggwe kyogere bwogezi ogende mu maaso.

124 "Ha, eki . . . ?" Tobuuza bibuuzo byonna. Kyawedde dda, genda bugenzi mu maaso. Olaba? Kufuga buli mbeera. "Naye, ssinga okola *kino*, *gundi* ajja kukola . . . " Ekyo . . . olaba, Kwakifuze dda. Olaba?

125 Okukkiriza kukkiriza nti Katonda ajja kukikolako. "Ssimanyi ngeri gy'Agenda kukikolamu, naye kwo okukikola Ajja kukikola." Okiraba? Kufuga buli mbeera yonna.

126 Ate okukkiriza n'okwagala bya luganda, kubanga toyinza kuba na kukkiriza okuggyako nga olina okwagala, kubanga okukkiriza kwo kuli mu Katonda nga Ye yennyini ye kwagala. Okukkiriza n'okwagala bikolera wamu.

127 Wano, kifaananako nga abaagalana ababiri abato. Ggwe ddira abavubuka abato omulenzi n'omuwala, nga baagala . . . leka baagalane. Gye beeyongera mu maaso nga buli omu bwe yeeyongera okuyiga munne, emitima gyabwe gitandika okukubira awamu entunnunsi. Olaba? Babeera—babeera . . . newankubadde babeera tebannafuuka mwami na mukyala, naye okwagala kwabwe kubasibira wamu, ne baba n'obwesige buli omu mu munne. Kati, bwe kibaawo ne baba nti ddala baagalana, okwagala kwennyini, nga okimanyi nti omuwala ono akwagala nga—nga naye akimanyi nti omwagala, muba mwesiganŋŋana (buli omu nga akkiririza mu munne) bwe muba nga buli omu akkiririza mu munne; bwe muba temuli bwe mutyo, kisingako omuwala oyo n'otomuwasa. Olaba?

128 Weetegereze, oteekwa okuba n'okukkiriza. Ssinga obaawula omu n'omuteeka ku nkomerero y'amaserengeta omulala ku nkomerero y'amambuka, okwagala okwo kusigalawo buli omu eri munne, ka babe nga bali ludda wa. Babeera beesigwa buli omu eri munne nga bwe kisoboka, kubanga baagalana. Naawe bw'oba oyagala Mukama, nga togezaako kwewala bwewazi ggeyeena, wabula nga oyagala Mukama, awo oba n'okukkiriza mu Katonda; olaba, bw'oba nga omwagala Ye.

129 Kifaananako nga—nga omuwala omu omuto . . . kyakabeerawo wano mu Louisville, ebbanga ttono gye buvuddeko. Omukazi, yali mu—yali mu . . . yali Mukristaayo okumala emyaka mingi, naye nga bba ye yaaka . . . ne baagalana, omukazi baayagalana n'omusajja ono. Ye omusajja, yali yaakamala emyaka nga giigyo nga Omukristaayo. Bwe batyo ne bafumbiriganwa; nga baagalana era nga balina obwesige buli omu mu munne, kale ne bafumbiriganwa. Kati omukyala n'agamba omwami, n'amugamba nti, "Mwami, kiteekwa okuba nga kikukaluubirira, nga bw'okyali Mukristaayo muto. Bingi by'oyiseemu." Kwali kunywa mwenge. N'amugamba nti, "Bingi by'oyiseemu." Era n'agamba nti, "Mmanyi ojja kukemebwa mu ngeri enzibu ddala." N'agenda mu maaso n'agamba nti, "Njagala omanye ekintu kimu kaakati. Kati, ssinga ogwa, ssinga lumu kibaawo n'o—n'ogwa mu kikemo ne kikuwangula, toddukanga waka; okomangawo. Okomangawo wano, kubanga nja—nja kuba wano nga nkulinze, era nja kukuyamba oddemu osabe okutuusa nga ofunye obuwanguzi. Nja kukunyweererako, kubanga bwe nnakufumbirwa, nnakufumbirwa kuba nnakwagala. Kale wadde oli otya, nkyakwagala."

130 Waayita ennaku ntono oluvannyuma lw'ekyo, omusajja yali alya eky'emisana ne banne wansi mu kisenge omubeera ekyoto, nga abibanyumiza, n'agamba nti, "Naye, ddala omusajja ayinza

atya okukola ekikyamu kyonna nga alina omuntu amwagala obwenkanidde awo?" Olaba?

131 Naawe kirabe. Oyi—oyinza otya okugalabanja obwesige obwenkanidde awo?

132 Naffe bwe twali aboonoonyi, nga twagobebwa, nga tetulina Katonda; nga tuli mu nsi, mu ntuumu y'ettosi, nga bwe nnagambye enkya ya leero, Katonda yajja gye tuli! Katonda ye yakunoonya, si ggwe wanoonya Katonda. "Tewali muntu asobola kujja gye Ndi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde okusooka." Kale Katonda yakka mu ttosi eryo, gye wali, n'akunoonyaayo era n'akuggyayo! Ekyo kisaanidde okutondawo Okwagala Okutuukiridde. Tunuulira kye wali, otunuulire ne ky'oli kati. Kiki ekyakola ekyo? Oyo akwagala! Kati oyinza obutaba na kukkiriza mu bye Yakusuubiza, oluvannyuma lw'ekyo? Okwagala kwennyini okwa nnamaddala kujja kutondawo obwesige mu Kigambo Kye.

133 Yannonda nga ssirina kye ndi. Era ssirina kye ndi, naye ndi mu mukono Gwe. Olaba, Yannonda. Era yanjagala Ye bwe nnali nga ssaagalika. Yakwagala bwe wali nga toyagalikika, naye n'Akukyusa. Nga mwannyinaffe omuddugavu bwe yayogera, lumu mu bujulizi bwe, yagamba nti, "Ssi—Ssiri ekyo kye nsaanidde okubeera, era ssiri ekyo kye njagala mbeere, naye era ssikyali ekyo kye nnabeeranga!" Yakimanya nti yali alina w'atuuse, era nga waliwo ekyali kibaddewo. Ate nga bwe kityo bwe kiri. Bwe kiba nti Katonda, bwe nnali nkyali mugwiira gy'Ali, yanjagala nnyo okutuusa lwe yakka wansi ennyo okunnoonya anzigyeyo, ekyo kimpa obwesige nti Ayagala kunkozesa. Alina ekigendererwa lwaki yakikola. Alina kye yandabamu. Alina kye yakulabamu. Yalina ensonga lwaki yakulokola, tunuulira abantu abatali balokole leero. Tunuulira obukadde bw'abantu be yandironze n'akuleka, naye Yalonda ggwe. Amiina! Tewali ayinza kutwala kifo kyo. Amiina! Oli mu ntegeka ya Katonda. Tewali ayinza kukikola. Okwo kwe Kwagala Kwe *gy'oli*.

134 Olwo, okwagala kwo tekuddeyo gy'Ali ne kumutuukako? Era wabaawo enkolagana ey'omukwano. Embeera ne bw'eba efaanana etya, embeera eyo efugibwa Kwagala kuno okutondawo Okukkiriza: nti Katonda akwagala era naawe oyagala Katonda, era mwagalana, kati—kati ekyo ne kireeta Okukkiriza. Kale kirungi. Kale tekuyinza—tekuyinza kulemwa kuvaamu ekyo kyennyini Katonda kye yasuubiza kye kulikola.

135 Kati, weetegereze! Okukkiriza Okutuukiridde kulongoofu, kulongoofu ddala nga okwagala bwe kuli okulongoofu. Olaba? Kati, bw'oyagala omuntu, era nga olina . . . nga oyagala omwami wo oba nga oyagala mukyala wo. Kaakati, oba teweetaaga muntu yenna kukugamba nti "tomwagala", kubanga obeera omwagala, era nga okimanyi nti omwagala.

136 Kati, ssinga nkubuuza nti, "Oyinza otya—oyinza otya okunkakasa nti omwagala?"

137 "O, nkikakasa okusinziira ku ngeri gye nneekuumamu ku lulwe." Olaba? "Ndi mukyala mwesigwa, era ow'amazima. Ndi mwami omwesigwa, omwesimbu, era ekyo kinkakasa nti—nti njagala mukyala wange; oba njagala baze." Okiraba, obulamu bwo bulaga kiki ky'oli. Kye kimu n'Obukristaayo kye bukola. Olaba? Okukkiriza kwo, mubeera n'obwesige buli omu mu munne, kulongoofu. Nga kintu ekya nnamaddala, ky'otoyinza kulaga muntu mulala yenna, kyokka nga okirina, era nga n'ebikolwa byo bikikakasa.

138 Era bw'oba n'Okukkiriza okulongoofu, okutali kujungulukufu, nga okwagala kwo bwe kuli eri omubeezi wo, awo ekyo okikakasa okusinziira ku ngeri gye weeyisaamu. Obeera tokyemulugunya, obeera okimanyi nti kyaggwa, nga ogenda bugenzi mu maaso. Ekintu ne bwe kiba kifaanana kitya, omuntu omulala yenna ne bw'agamba ki, ggwe ekyakolebwa obeera okimanyi. Obeera okimanyi nti kyaggwa; nga bw'omanyi nti oyagala omwami wo, nga bw'omanyi nti oyagala . . . Okiraba, okwagala n'okukkiriza birina kutambulira wamu. Bya luganda, byagalana. Okwagala kuzaala Okukkiriza.

139 Ssetaani bw'atukema, tulina kumuziyiza mu Kukkiriza Okutuukiridde kwe tulina mu Kigambo Ekituukiridde, nga Yesu bwe yakola. Ekigambo kya Katonda kituukiridde. Tulina okuba n'Okukkiriza Okutuukiridde mu Kigambo kino Ekituukiridde, tusobole okuziyiza Ssetaani.

140 Kati tugenda kwanguwako, mangu ddala nga bwe tusobola.

141 Okuyita mu Kukkiriza Kwe mu—mu Kigambo Kye tu (Ye awangula), tusobola okuwangula ekintu kyonna: byombi okufa, ggeyeena, wamu n'amagombe. Tukimanyi nti Katonda ye Katonda, okwo Okukkiriza Okutuukiridde mu Kigambo kya Katonda Ekituukiridde, yawangula buli kintu Ye kye yasisinkana. Okufa tekwasobola wadde okuyimirira mu Maaso Ge. Endwadde tezaasobola kuyimirira mu Maaso Ge. Okuva mu Ye mwalinga omwabanga mukulukuta emigga egy'amaanyi, nga gikulukuta bulijjo bulijjo, nga amaanyi gava mu kyambalo Kye. Abantu bano, abaagalamiranga mu bisiikirize Bye; baasimbulanga busimbuzi kigere, ne bakomya engalo zaabwe ku kyambalo Kye ne bawonyezebwa. Omukazi oli bwe yakola bw'atyo, awo buli muntu n'ayagala akwate ku kyambalo Kye, kubanga baakiraba nti waaliwo amaanyi agaali gamuvaamu bulijjo bulijjo, nga gakulukuta nga emigga. Wuuyo, nga atambula, atambula mu nsi n'Okukkiriza Okutuukiridde, kubanga Ye yali Ekigambo.

142 Era kaakati, "Bwe mubeera mu Nze," okuyita mu Ye, Yaleeta Ekigambo gy'oli; "n'Ebigambo Byange ne biba mu mmwe," kale mutambulire mu ngeri y'emu: nga amaanyi gabavaamu, emigga

gy'ensulo za Katonda ez'emikisa nga gikulukutira eri abantu. Mulaba kye ntegeeza? Ate obeera tokyerimbikamu bwerimbisi, nga tokiteebereza buteebereza. Kiba ddala weekiri mu buliwo, era nga okiraba. Bw'oba oteebereza kiteebereze, ekyo tekirina kalungi konna ke kikola; naye bwe kiba nga ddala weekiri, ddala kiba kyabaawo.

143 Kaakati, weetegereze! Labayo, okuyita mu Kyo, bwe yayimirira n'Agamba nti, "Bwe muzikiriza Omubiri guno (Yeekaalu eno), Nja kuguzuukiza nate mu nnaku ssatu." Lwaki? Yali mukakafu nnyo nti yali ajja kukikola, kubanga Ebyawandiikibwa byali bitegeeza nti Alikikola (Masiya): "Ssirireka mmeeme Ye magombe, wadde okuleka Omutukuvu Wange okulaba okuvunda." Nnabbi, oyo Ekigambo gwe kijjira, yali yayogera nti ekyo kyali kya kubaawo, era Ye yakimanya nti ye Muntu Oyo.

144 Era bwe . . . Yesu, Yennyini, yagamba nti, "Okusaba okw'okukkiriza kunaawonya omulwadde," manya nti "Banaateekanga emikono ku balwadde, nabo banaawonanga." Ssinga . . .

Oteekwa okubeera n'obwesige obutuukiridde bwe bumu obwo nti "bwe nnaateekebwako emikono, nja kuwona," kubanga Ye yakyogera.

145 Yagamba nti, "Muzikirize Omubiri guno, nange Nja kuguzuukiza," kubanga yakimanya nti ye Masiya. "Ssirireka Mutukuvu wange kulaba kuvunda"; Yakimanya nti Ye Mutukuvu Oyo. "Era ssirireka mmeeme Ye magombe"; Teyakikola. Yakimanya nti Alikikola. Yalina obukakafu nti yali wa kuwamba okufa n'amagombe, kye yava agamba nti, "Muguzikirize, bwe muba mwagala, Nange nnaaguzuukiza nate mu nnaku ssatu." Ha, bannange! "Nnina obuyinza okuwaayo obulamu Bwange, era nnina obuyinza okubweddiza nate;" Yali amanyi ky'Ali.

146 Oli Mukristaayo. Olina eddembe eri buli mukisa gwonna ogw'obununuzi Yesu gwe yafiirira ku lulwo. Gyonna gigyo! Gyasasulirwa dda, olina kugikkiriza bukkiriza. Ssi kugiteebereza buteebereza; naye kugikkiriza, era okitegeere nti gigyo, nga era osobola okugitwala. Ha, okwo kwe Kukkiriza okuwangula: kitegeere! Weewaawo.

147 Yakimanyirawo nti kyali kyakubaawo. Yasobola okulagula nti kijja kubaawo, kubanga Yakimanya nti kyali kya kubeerawo; era buli kye yalagula, kyatuukirira. Kaakati, weetegereze! Buli kimu kye Yayogera, Katonda yassaamu ekitiibwa buli kye Yayogera. Ggwe ekyo kirowoozeeko! Buli kimu Yesu kye yayogera, Katonda yakituukiriza. N'olw'ekyo, Yakimanya nti Ebigambo Bye byali Bigambo bya Katonda. Kati, labayo! Ekyawandiikibwa kye kimu ekyo kikomerawo ddala gye tuli nate, "*Bw'oyogera* eri olusozi luno." O, bannange! Ekyo leka

nsooke nki—nkireke kinnyikire, mulaba, kubanga tugenda kuba n'olunyiriri lw'ab'okusabirwa. Ekibiina tujja kukisiibula tusabire abalwadde, abo abaagala oku . . . abalina okugenda.

148 Labayo! Yakimanya nti Asanyusa Katonda. Yakimanya nti obulamu Bwe tebulina kibuvunaanibwa. Katonda yali yamala dda okujulira nti, "Ono ye Mwana Wange gwe nneenyumiririzaamu, mmumuwulire! Ono ye Mwana Wange gwe nsanyukira okutuulamu," ku lunaku lwe yabatizibwa. "Nsiima okutuula munda muno, Ye tabalirwako musango gwonna."

149 Kaakati, Katonda y'omu bw'ajja gy'oli, n'asanyuka okutuula mu ggwe, n'asanyuka okussa ekitiibwa mu kigambo kyo, mu ekyo ky'oba osazeewo, . . . Yoswa yasalawo ki? "Njuba, yimirira!" Nayo n'eyimirira awo. Amiina! Ddala! Musa yasalawo ki? Yagolola omuggo gwe ku—ku mugga *bw'atyo*, n'agulagira "Okweyawulamu!" Nagwo ne gweyawulamu! Olaba, buli ky'osaba. "Era bw'ogamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otakibuusabuusa, olaba, mu mutima gwo, naye n'okkiriza nti ky'oyogedde kijja kutuukirira, osobola okufuna ky'oyogedde." Ekyo *kikuzzaayo* mu Kigambo. Kaakati, ago si mata amasaabulukufu. Mulaba? Ekyo *kikuzzaayo*. Mmanyi kigenda kubayitako, oba oli awo, olaba, kubanga tekiyinza kunyweera. Naye okukkiriza, kwennyini okwa nnamaddala, ekyo kukikwata, mu kaseera kano kennyini.

150 Mikwano, nkirabyeko. Bayibuli yiino mbikkule mu maaso gange. Nkirabyeko nga kibeerawo, era nkimanyi nti ge Mazima. Mmanyi, Katonda mu Ggulu akimanyi, nti nnyinza obutabeerawo kumaliriza bubaka buno, wabula mma—mmanyi nti kyabaawo. Nkirabyeko nze kennyini. Ndi mujulizi alabye ku Kigambo ekyo nga kituukirira, ne ntuuka okuba nti nkimanyi nti ge Mazima: n'okyogera, n'oyimirira awo n'olaba Omutonzi nga atonda ekintu ekiramu ekitabaddeewo, awo wennyini mu maaso go; n'onyeenya omutwe gwo ne weewuunya; ogenda okweetoolooza amaaso era n'omulaba nga aleeta ekirala, nga kikifaananira ddala, kubanga *okyogedde*; oluvannyuma n'okyuka erudda n'ogamba nti, "Wajja kubaawo akalala wali," okutunula oti, nga weekali! Kati, ago ge Mazima.

151 O, tusaanidde kubeera wa? Kuukwo Okukkiriza Okutuukiridde. Tewaali kwolesebwa, "Kwali kwogera bwogezi Kigambo," ka kaamuje ssaasooka kukalaba. Yayogera bwogezi Kyawandiikibwa *kino*, kiki kye kyali, n'agamba nti "Kyogere, era tokibuusabuusa; ne ky'oyogera, kinaatuukirira." Ne nzikiriza Katonda okusinziira ku Kigambo Kye, era ne kibaawo. Ky'ekyo. Ekyo kirina amaanyi ge gamu nga . . . Era mikwano, nze nga omusumba wammwe, ekyo kya maanyi ddala nga kiri Yoswa bwe yayimiriza enjuba; kubanga enjuba yasangibwa w'eri, ebintu byali bitambula, okutambula kwabyo n'akuyimiriza. Naye kino, Yaleetawo ekintu ekitaaliwo, Yatonda! Nneesiimye okumanya Katonda oyo asobola okukwata enfuufu y'ensi,

lumu, nga tewali kintu kyonna, n'ankomyawo nate mu bulamu, okukkiriza okwo kwe kumu, nga mmaze okuziikibwa mu ntaana. Ha, bannange! Kiikyo awo.

Okukkiriza kwange kutunudde eri Ggwe,
Ggwe Omwana gw'endiga ow'e Kalivaaliyo.

152 Bw'oyogera n'otabuusabuusa, naye n'okkiriza ky'oyogedde, ojja kufuna ky'oyogedde. Labayo, kkiriza nti kijja kutuukirira!

153 Dawudi, mu Zabbuli, yamwogerako. Nga akulina, Yaddira amaanyi Ge n'aweereza eri abalala. Teyageesigaliza ye Yekka, naye Yagakozesa okuweereza abalala; era n'alokola abalala, n'abasembayo okuba ab'ewala, era Asobola okukola ekintu kye kimu na kati. Era Yasuubiza okukkiriza kwe kumu eri abakkiriza, mu Kigambo Kye, ne Yokaana . . . nga Yokaana 14:12, Yayogera bw'atyo; Makko 16; ne mu Makko 11:23, we twakasoma.

154 Kaakati, mwetegereze. Kaakati, Atulabikidde mu nkula y'emu gye yalabikiramu bali ab'omu Ndagaano Enkadde, era y'emu gye yalabikiramu mu Ndagaano Empya; era alaze nga akozesa Ekigambo kye kimu, Kristo y'omu. Era mbategeeza nti Kristo ye Mwoyo Omutukuvu. Eki—ekigambo *Kristo* kitegeeza "eyafukibwako amafuta"; omuntu afukiddwaako amafuta, oyo ye Kristo, omufukeko amafuta. Bameka abamanyi nti ekyo kituufu? Ekyo ki- . . . Omufukeko amafuta, walibaawo omuntu alifukibwako amafuta. Nga afukiddwaako na ki? Bayibuli egamba mu Bikolwa by'Abatume 2 nti, Yesu oyo ow'e Nazaleesi, Omuntu eyasiimibwa Katonda, eyafukibwako Omwoyo Omutukuvu; yagendanga nga akola emirimu egy'ekitalo n'ebirala, olaba, nti Katonda yayoleka, yakakasa nti Yali mu Muntu ono.

155 Era kati, tufukibwako amafuta n'Omwoyo gwe gumu ogwo, bamasiya abafukeko amafuta; bamasiya ab'ennaku ez'oluvannyuma, okwaakisa okuzuukira kwa Yesu Kristo; okulaga nti Ye si mufu, wabula mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, Ali mu bantu Be; nga atambulira mu Mugole We, n'enkolagana ey'omukwano eri Omugole, nga yettulula mu Mugole, Ye kennyini. Bafuuka omu olw'Ekyeggulo ky'Embaga; era obubonero bwe bumu, obwasuubizibwa Katonda y'omu, mu Kigambo kye kimu, bwoleka okulabisibwa Kwe kwe kumu.

156 Tetulina kye tusigazza kukola okuggyako Ekyo okukikkiriza, era "okukikkiriza" kye *kya nnamaddala ekikwatikako*, era ekyo kitondawo Okukkiriza Okutuukiridde. Ggwe muli ku—kuba akafaananyi olabe engeri gye tuli abasannyalavu; ekyo kirowoozeeko okumala akaseera, kati.

157 Kati, leka tulabe. Ebintu byonna Abikoze bulungi? Waliwo ekintu kyonna kye Yali atugambye ne kitatuukiririra ddala nga bwe Yakyogera? Tabikoze, era Empagi y'Omuliro ey'ekitalo tebaddenga mu makkati gaffe n'ekolera ddala nga

bwe Yasuubiza okukola? Tetugirabye? Ssaayansi tagikubye ebifaananyi, nga kisoose kulagulwa kiki ekigenda okubaawo; ne kigenda kituukira ddala ne bakiteeka ne mu mpapula z'amawulire ne mu butabo, ne bakiteeramu ddala ne bakiraga, ate nga kyasooka kubabuulirwa nga wakyabulayo emyezi kiryoke kibeewo? Takoledde ddala mu ngeri y'emu nga bwe Yakola mu Ndagaano Enkadde, ne mu Ndagaano Empya? Nga y'Omu Yennyini! Omwoyo Omutukuvu y'omu ajja, era Akebera eby'obuziba ebitalabibwa na maaso. "Nga ky'Ekigambo kya Katonda, ekikozi era ekyogi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, Ekikebera ebirowoozo n'ebigendererwa by'omu mitima." Ekyo si bwe kiri? Oyo si ye Katonda y'omu? Kati nno, oyo y'Omu, taliiko walala w'akyadde, Ali wano. Ali wano, kino akikola atondewo Okukkiriza Okutuukiridde. Nze mmuwulira. Mmanyi Ali wano mu kaseera kano. Mmanyi nti Omwoyo We waali wano. Mmanyi nti ebintu byonna Abimanyi. Amiina! Era mmanyi nti waliwo kya—ky'Ayagala okukola. Abadde aliko ky'akola, oku—okusobola okutondawo okutuukirira kuno okw'okukkiriza mu bantu.

158 Tunaayingira mu Butaggwaawo, nga bwe kyali mu nnaku za Nuuwa, n'emmeeme munaana nga ze zirokose? Tunajja nga Lutti, n'abantu basatu okuva mu Sodomu? Tunajja, nga bwe kyali mu nnaku za Yokaana Omubatiza, n'abakkiriza mukaaga? Leka tukkirize, kubanga emirimu Gye gituukiridde! Girabisibwa mu maaso gaffe buli lunaku ate nga gituukiririddde ddala, nga gyoleka nti Ye kye Kigambo, Ekigambo! Abaebbulaniya, essuula ey'oku 4, egamba nti.

> *. . . ekigambo kya Katonda . . . kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, . . .* era *kyawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mitima.*

159 Kirowoozeeko ekyo! Ekigambo kya Katonda *Ekyo* kye kiri, Kikebezi kya bigendererwa bya mu mutima. "Kubanga Ekigambo kya Katonda kiramu era kya maanyi era kisala n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula emmeeme n'omwoyo, n'ennyingo n'obusomyo, era kye Kikebezi ky'ebirowoozo n'ebigendererwa by'omu mutima." Ekigambo ekirabisiddwa mu mubiri! Aleeruuya! Ekigambo nga kikolera mu mubiri gw'obuntu, mu bubonero obulabikako n'amaaso, mu bubonero obukwatikako, mu bubonero obw'Ebyawandiikibwa, mu bujjuvu, okukuleetera Okukkiriza Okutuukiridde olw'Okukwakkulibwa Okutuukiridde.

160 Lwaki Ekyo tulemwa okukiraba? Si nfumo bufumo; Ssetaani addidde ebintu by'ensi byonna n'abikuteeka mu maaso, okugezaako okukulemesa, okukuleetera . . . okukuziyiza okukikkiriza Ekyo. Ajja kubireeta mu lukuŋŋaana agezeeko okukukasuukirira buli kimu kyonna ky'asobola. Byegobeeko! Bayibuli egamba nti, "Golokoka wekunkumule." Weegaganule.

161 Omwoyo we waali wano, Akumanyi. Ggwe ky'olina okukola kiri kimu, kwe kukikkiriza Ekyo, kukisembeza Ekyo. Ye amanyi. Ekyo mukikkiriza? Amanyi ekikulimu, Amanyi ky'oli, Amanyi okuyaayaana kwo, Amanyi bye weetaaga.

162 Jim, okkiriza nti Amanyi ebikwata ku mwana oyo omuwere? Baapimye ebbugumu ly'omusujja gwe nga temunnasimbula kujja, nga liri mu kikumi mu ttaano. Okkiriza nti Ajja kumuwonya? Gwamukutte, leero, n'alwala. Gujja kumuvaako. Ntunudde butunuzi ludda wali ne mbalaba nga tebannaba kuva waka, kye baakoze. Kaakati, ekyo kituufu.

163 Muky. Little, okkiriza nti Katonda asobola okukuwanguza obulwadde bwa ssukaali obwo? Waliwo omukyala akuliraanye awo, ssikumanyi, naye Omwoyo amuliko. Ekimweraliikiriza kya . . . alina omwana gwe balina okulongoosa eriiso oba ekintu bwe kityo. Aviira Chicago. "Kiramu, kya maanyi nnyo, n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri; Kikebezi." Kye kiki? Kye Kigambo! Mukikkiriza ekyo? Ddala ddala.

164 Waliwo omukyala atudde mu lunyiriri oluddako awo; yaakalongoosebwa eriiso, naye teryateredde bulungi. Naye ki—kikkirize Ekyo, lijja ku . . . ojja—ojja kutereera. Okikkiriza Ekyo? Kirungi. Ekyo, ky'alowozaako.

165 Muky. Peckenpough, ekizibu tekiri ku ggwe, kiri ku muzzukulu wo ono omulenzi atudde wano. Obadde okisabira, naye okkiriza nti Katonda ajja kumuwonya? Okkiriza nti Katonda asobola okumbuulira ekizibu ekimutawaanya. Abasawo tebakimanyi; nedda. Bwe kiri. Azimbye amawuggwe. Kituufu ekyo. Alina obulwadde mu musaayi. Kituufu! Bakyatabuddwa oba banaamuleka agende ku ssomero oba nedda. "Kiramu, kya maanyi nnyo, n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri."

166 Ndaba omukazi nga takyalya na mmere ye. Alina w'ali, leka ndabe w'ali. Weewaawo, atudde mabega wali. Erinnya lye ye Muky. LewEllen. Akkirize n'omutima gwe gwonna, okulumizibwa mu lubuto okwo kujja kukuvaako. Amiina!

167 Wano waliwo omukyala atudde mu maaso g'ono, antunuulidde kati, atudde ku nsonda; ayambadde gaalubindi. Alina obulwadde bw'omu nnyingo. Buli mu mukono gwo ogwa kkono; mwe bubadde, kati tebukyalimu. Weewaawo, ssinga okkiriza!

168 Ate omwana oyo omuwere, emabega awo? Aviira mu Ohio; alina kookolo mu liiso. Okkiriza nti Katonda ajja kumuwonya? Ajja kukikola, bw'okkiriza. Ashland, Ohio! Kkiriza kaakano nti Katonda ajja kumuwonya, Ajja kukikola. Kiki kye Kiri? "Kya maanyi nnyo, kiramu n'okusinga . . . "

169 Waliwo omukyala atudde wano, waliwo ekyamukuba, alina obulumi mu kibegabega kye. Ekyo kituufu. Ssi bwe kiri?

Kale, Kikkirize, era bujja kugenda. Mukiraba? "Ekigambo kya Katonda, Ekikebezi ky'ebirowoozo n'ebyama by'omutima."

170 Kati, tewali kaada za baakusabirwa mu kizimbe kino. Tewali muntu asaba . . . yagabye kaadi z'abagenda kusabirwa. Wano tetuzikozesa, okuggyako okuzeeyambisa obutagootaanya ntegeka. Mwagala okusabirwa? Bameka abaagala okusabirwa nga Ekigambo kirabisibwa mu mubiri? Leka abali mu lunyiriri luno wano be baba basooka basituke bajje bayite ku ludda luno, okutuukira ddala olukuubo luno gye lukoma, wano wennyini, mmwe abaagala okusabirwa. Kati, olwo nga luwedde, njagala ab'olukuubo luno bagoberere emabega waabwe. Bwe banaaba bamaze, awo n'olukuubo luno lujje.

171 "Kiramu, kya maanyi nnyo, . . . " Ekitala eky'obwogi obubiri kyandisobodde okukola ekyo? Nedda, ssebo! Naye Ekigambo kya Katonda kisobola okukikola. Lwaki? Kye Kigambo kya Katonda. Kati, mukikkiriza?

172 *Omusawo Omukulu!* Mwannyinaffe oli ali ludda wa aviira mu—mu Tennessee, Mwannyinaffe Ungren, manya Downing? "Omusawo omukulu kaakano ali kumpi."

173 Oluyimba olwo ssirirwerabira olwo, mu Fort Wayne ekiro kiri omuwala omuto oli omu-Amisi manya Omudankaadi bwe yali atudde awo, nga akuba oluyimba olwo nti, "Omusawo omukulu kaakano ali wano," olwawulira nti omulenzi omuto awonyezeddwa, omuwala n'abuuka mu bbanga, Omwoyo Omutukuvu olwamukkako, enviiri ze ennungi ne zigwa ku bibegabega bye, naye ennanga n'etasobyamu ppeesa wadde erimu. "Omusawo omukulu kaakano ali kumpi, oyo Yesu omusaasizi." Amaanyi ag'Obwakatonda ne gasigala nga ganyiga amapeesa g'ennanga ago, nga gakuba oluyimba olwo nti "Omusawo omukulu kaakano ali kumpi."

174 Laba, oli . . . Okkiriza? [Wabaawo agamba nti, " . . . ? . . . weewaawo, njagala kukkiriza."—Omuk.] Oyagala kukkiriza? Olaba? Kati mujjukire, bw'oyita . . . Kati, bw'oba tokikkiriza, tojja, tuula butuuzi wansi. Gamba nti, "Ssigenda kukikola. Ssigenda kukyesittalako kino. Nzija, nga nkikkiriza." Nze bwe . . .

175 Bayibuli egamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Ekyo kituufu ddala. Kati, ekyo kiriko obukwakkulizo nti, "ssinga okikkiriza." Kati, kino nkikkiriza. Katonda akibakakasizza, nti nkikkiriza Ekyo. Mulaba? Ayoleka Ekigambo Kye, okulaga nti Kigambo Kye. Okutuukirizibwa kw'Ebyawandiikibwa, okukakasa nti kye biri. Kati, mukikkirize nga bwe muyitawo. Munaakikola? Kati bwe nkussaako emikono, . . . ekyo Bayibuli kyennyini ky'egamba.

176 Olinawo wano ku mafuta agakozesebwa okusiigako, Ow'oluganda Neville? Gafune, ojje ku ludda luno, tutuukirize

Ebyawandiikibwa. Dda ku ludda luno wano, osiige amafuta ku buli muntu nga bwe bayitawo, nga bwe tubasabira. Kaakati, okusobola okukakasa, nti nnaafuna okusaba okw'okukkiriza okuva eri buli omu ku mmwe, leka buli omu asse omukono gwe ku munne mmwe abakkiriza. Mugigolole, buli omu akwate ku munne. Wano we tugenda okubaako ne kye tuzuula mu ddakiika ntono.

177 Ŋŋenda kulaba ekkanisa yange wa w'etuuse, mu bintu bye tukkiriza; ndabe abantu baffe wa we batuuse; beetegese kyenkana wa okukwata Ekitala beesowoleyo babe basaale ku mwanjo mu ddwaaniro, bagambe nti, "Nkusoomoza ggwe, Ssetaani. Mukiraba? Nkusomooza! Tokyaddamu—tokyaddamu kundeetera butakkiriza." Ebintu bino lwaki bikolebwa? Abantu basobole okukkiriza. Kye Kigambo. Ekyo kye kyoleka nti ge mbabuulira ge Mazima, kye Kigambo. Ekigambo nga kyambadde omubiri, nga kyambadde omubiri mu ggwe; n'ofuuka Ekigambo; ne kifuuka Obulamu mu ggwe, ne kifuuka Obulamu mu nze. Olaba?

Omusawo Omukulu! Kale, leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano.

178 Mukama Yesu, Omusawo omukulu kaakano ali kumpi, Ggwe Musawo. Mbuulidde Ekigambo Kyo, era Ekigambo Kyo kitulaze nti Oli wano; nti Oba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna; era nti Tolemwa. Totuyiwangako, Mukama. Era kaakano, bano bonna abatadde emikono gyabwe ku bannaabwe, leka emikisa gya Katonda gibakkeko. Era nga bwe tujja, bano bakkiriza. Era nga bwe tubasiigako amafuta, omusumba wamu nange, nga bwe bayita mu lunyiriri luno, leka buli omu ayitewo wano n'okukkiriza okusobola okukikkiriza, okumanya nti Katonda yennyini ow'Eggulu ayimiridde wano kaakano. Leka buli omu yeekebere. Mukama, bayinza okufunayo akakisa kano kokka? Leka ba...leka kibannyikiremu, Mukama, omulundi gumu. Zibula amaaso gaabwe, Mukama, basobole okulaba ekyo ekigenda mu maaso, baleme kuba bazibe ba maaso, kutagala butagazi, naye balabe obwa nnamaddala bw'Okubeerawo kwa Yesu Kristo eyazuukira. Kituwe, Mukama, okuyita mu Linnya lya Yesu. Amiina.

179 Mbakuutira mu Linnya lya Yesu Kristo, nti toyingira mu lunyiriri okuggyako nga owulira olina Okukkiriza okwo Okutuukiridde, kubanga ojja kuba oyonoona ebiseera by'abalala, ebiseera by'omuntu omulala. Tokikola! Kale olwa...ebbanga lyonna lye nnali mbuulidde gye muli, nnali mbagambye ekintu kyonna ne kirema okutuukirira? Mazima ddala tekibangawo! Mukama ye yakikola ekyo. Teyakikolera nze, nze nzikiriza. Yakikolera mmwe, musobole okukkiriza nti ge mbabuulira ge Mazima. Kaakano mukikkirize, bijja kuba bulungi, era ki...mujja kuwonyezebwa. Bw'oyita wano, suula obutakkiriza bwo mu bu...mu bunnya obw'omwoyo wano

wennyini. Oyinza obutabulaba, naye weebuli. Amafuta ago bwe gagukomako, suula obutakkiriza bwo omwo mwennyini. Busuule omwo oveewo n'Okukkiriza Okutuukiridde nti owonye. Munaakikola? Kale, Mukama abawe omukisa.

180 Kale, ŋŋenda kusaba omuntu asobola okukulembera ennyimba, akole . . . Ow'oluganda omubuulizi oli ow'amaanyi ali ludda wa, eya . . . ? Erinnya ye ani? Capps, Ow'oluganda Capps. Ali mu lunyiriri? Kiki ekyo? Jangu wano, Ow'oluganda Capps, oyimirire wano muyimbe (wamu n'ekibiina) nga bwe tusaba, "Omusawo omukulu kaakano ali kumpi."

181 Nga bwe balukulembera, buli omu kati yimba n'omutima gwo. Tomala gayimba, nga ogamba nti, "Ŋŋenda kuyimba nti, 'Omusawo Omukulu kaakano ali kumpi, Yesu omusaasizi. Ayogera, okuzzaamu amaanyi emitima eginafuye, Yesu omusaasizi.'" Ha, ha, ha, bannange!

182 Yimba nga oyasamya emba zo! Nga ossaayo omwoyo. Nga oli bulindaala. "Weewaawo, Omusawo omukulu kaakano ali kumpi, Yesu omusaasizi!" Akyoleka nti Ali wano! Mmukkiriza. Amiina.

183 Kale. Leka ba . . . Leka abalina okukkiriza bajje mu maaso.

184 Mu Linnya lya Yesu Kristo, mmussaako emikono olw'okuwonyezebwa kwe.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, nnenya endwadde.

185 Mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono gyange ku muganda wange, olw'okuwonyezebwa.

186 Mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono gyange ku mwannyinaze olw'okuwonyezebwa kwe.

187 Mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono ku muganda wange olw'okuwonyezebwa kwe.

Mu Linnya lya Yesu, nteeka emikono ku mwannyinaze olw'okuwonyezebwa.

Mu Linnya lya Yesu, nteeka emikono ku mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono ku mwannyinaze olw'okuwonyezebwa kwe.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono ku muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono ku mwannyinaze.

188 Mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono ku muganda wange olw'okuwonyezebwa.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, nteeka emikono ku mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
189 Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya, muganda wange ono.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu!
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
190 Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange. Leka abe bulungi.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze, ono.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
191 Mu Linnya lya Yesu, wonya omwana ono. Ayi Katonda, kituwe.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya omulenzi ono omuto.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya omuwala ono omuto.

192 Mu Linnya lya Yesu, mwannyinaze ono, muwonye.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
193 Linnya lya Yesu, muganda wange ono, muwonye, Mukama.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, Mukama, wonya, muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, Mukama . . . ? . . . ku lw'ekitiibwa kya Katonda.
194 Okuwonyezebwa kwa muganda wange, mu Linnya lya Yesu. Muveeko.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya omwana ono.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze ono.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze ono.
195 Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze . . . ? . . .
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, Mukama, wonya mwannyinaffe.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange, abeere bulungi.
196 Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya mwannyinaze, Mukama.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze, ono.

Mu Linnya lya Yesu, wonya omuwala ono omuto.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Linnya lya Yesu, wonya omwana.

197 Wonya omwana, ayi Mukama, mu Linnya lya Yesu.
Wonya omulenzi omuto, mu Linnya lya Yesu.
Wonya mwannyinaze, ayi Mukama, mu Linnya lya Yesu.
Wonya Mwannyinaffe Collins, Mukama, mu Linnya lya Yesu.
Wonya mwannyinaze, mu Linnya lya Yesu.
Wonya muganda wange, mu Linnya lya Yesu Kristo.
Wonya mwannyinaze, mu Linnya lya Yesu.

198 Ssuula obutakkiriza bwo kaakati.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

199 Ssuula obutakkiriza bwo mu kibookisi kati, yitawo, twala Okukkiriza Okutuukiridde.
Mu Linnya lya Yesu, kutwale. Leka kikolebwe.
Mu Linnya lya Yesu, kituwe, ayi Mukama.
Mu Linnya lya Yesu, kituwe, ayi Mukama.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze, Mukama.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze! . . . ? . . .
Mu Linnya lya Yesu, wonya ono.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

200 Weebwa omukisa, ow'oluganda. Mu Linnya lya Yesu, wonya Ow'oluganda Cox, Mukama. Katonda atenderezebwe!
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.
Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

201 Kaakati, mujjukire nti, ntaddemu okukkiriza kwange kwonna nga bwe mmanyi, mu kino, olw'ekigendererwa.

Mu Linnya lya Yesu, wonya omuwala ono omuto.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze ono.

202 Ayi Katonda, nteeka emikono gyange ku mwana ono omuwere. Asobole okuwonyezebwa, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Mu Linnya lya Yesu, wonya omuwala ono omuto.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Mu linnya lya Yesu, wonya muganda wange ono.

203 Omuwala ono omuto? Basembeze kumpi naawe. Mu Linnya lya Yesu Kristo, bawonye, Mukama, olw'ekitiibwa Kyo.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaffe.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaffe.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Yesu, wonya muganda wange ono omuto.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

204 Mu Linnya lya Yesu Kristo, nsaba okuwonyezebwa kwe.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze, Mukama.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange omuto.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

205 Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya muganda wange, omwana.

Mu Linnya lya Yesu, bawonye, ayi Mukama.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Wonya mwannyinaze, mu Linnya lya Yesu.

Wonya muganda wange, mu Linnya lya Yesu.

Wonya mwannyinaze, mu Linnya lya Yesu.

Wonya mwannyinaze, mu Linnya lya Yesu.

Wonya mwannyinaze, mu Linnya lya Yesu Kristo.

Wonya mwannyinaze.

206 Wonya mwannyinaze. Bawe omukisa, Mukama, olwa . . .?. . . mu Linnya lya Yesu.

Mu Linnya lya Yesu, wonya mwannyinaze.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda waffe.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda waffe, Mukama.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya mwannyinaze, Mukama.

Mu Linnya lya Yesu, muwe ky'asaba.

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

207 Ssuula obutakkiriza bwo. Jangu, kaakano nga okkiriza, Katonda ajja kukikuwa. Jangu, nga okikkiriza, ne Katonda anaakikuwa. Nkikkiriza, nkozesa okukkiriza kwonna nga bwe mmanyi. "Banaateekanga emikono ku balwadde; banaawonanga."

Mu Linnya lya Yesu, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya mwannyinaze.

208 Ono alabika atya, Ow'oluganda Neville? Ow'oluganda Dauch, kirabo eky'ekisa kya Katonda! Ono ye musajja eyandibadde omufu, wiiki nga emu oba bbiri eziyise.

209 Mu Linnya lya Yesu Kristo, ayi Katonda, oteekwa okuba nga omwagala, Kitaffe, kubanga omukoledde ebintu eby'ekitalo. Mmuteekako emikono gyange, mu Linnya lya Yesu Kristo.

210 Mukama Katonda, nteeka emikono gyange, ku mukyala we omwagalwa, mu Linnya lya Yesu Kristo, olw'okuwonyezebwa kwe. Amiina.

Baweddeyo bonna?

211 Kaakano, tukoteke emitwe gyaffe kati.

Omusawo omukulu kaakano ali kumpi,
Yesu omusaasizi;
Ayogera okuzzaamu amaanyi omutima omunakuwavu,
O, wulira, eddoboozi lya Yesu.

Ly'eddoboozi erisinga mu luyimba lwa baseraafi,
Ly'erinnya erisinga obuwoomu ku lulimi lw'abantu,
Lwe luyimba olukyasinzeeyo mu zonna ezaali ziyimbiddwa,
Yesu, Yesu ow'omukisa.

212 Mutegedde kye mbakoze? Mumpita, musumba wammwe, era kye mwogera mazima, kubanga ekyo kye ndi. Oba nga nze, omusumba wammwe, Yesu Kristo anzigyeyo n'anjoleka, nti nkola mulimu Gwe, kale nno mukkirize Ekigambo kyange, mu kukola ekikolwa kino eky'okukkiriza, nga mbateekako emikono, nnenyezza endwadde n'okunyigirizibwa ebibatawaanya, mukikkirize ekyo, bwe mutyo munaafuna bye musaba, si nsonga ne bwe biba bya ngeri ki, kubanga byonna biyinzika eri abo abakkiriza. "Era bw'osaba, kkiriza nti ofunye ky'osabye." Era nzikiririza ddala nti nkifunye, era mu mutima gwange nzikiriza nti mwenna muwonyezeddwa, nkikkiriza, nti kikoleddwa. Nkikkiriza, nkikkiriza n'ebyo byonna ebiri mu nze. N'ekirala, nteeka emikono gyange ku butambaala buno obuli wano, obwedda mbutaddeko nnyo amaaso, nzikiriza nti bujja kuvaamu ebyo byennyini abantu bye basabye. Nki—nkikkiriza.

213 Kino kigenda kiyingira mu Kusika kuli Okw'okusatu! Nki—nkikkiriza. Kati njagala okukubuuza ekibuuzo eky'obwesimbu ggwe ayise mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa. Osobolera ddala okukkiriza, era kati owulira nga waliwo ekikutuuseeko okuva lw'oteereddwaako emikono? Yimusa omukono gwo!...?... Kiikyo awo. Kye kino kye tubadde tulinda. Kati, kino si... Kino kati kitandika butandisi okutojjera. Mukiraba? Kitandise na...Kino nkikoze lwa kigendererwa. Kino nkikoze lwa kigendererwa. Waliwo kye nkola kaakati, labayo, kitwala okukkiriza okwenkana wano era kiddirayo ddala kiyingire, olaba, kibeeko engeri gye kitandikamu okuyimusa okukkiriza mu mutendera gwe mutalabangako. Si kukkiriza, naye Okukkiriza Okutuukiridde, kikuzimbire munda *wano*. Olwo olabe Katonda Atuukiridde, n'omutima ogutuukiridde, bw'akuuma ekisuubizo ekituukiridde, ng'akozesa Ekigambo Kye Ekituukiridde, ekyo ekyogi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri era Ekitegeera obuziba bw'ebirowoozo by'omu mitima. Kiki? Kati tusemberera okutuukirira, kubanga abantu balina okutuuka ku kino okusobola okugenda mu Kukwakkulibwa. Ekyo kye kikyakiremesezza okubeerawo kaakati, kirinze Kkanisa eyo kuyingira mu Kukkiriza okwo Okutuukiridde okw'Okukwakkulibwa, ekunoonya. Kinneetaagisa okubaako bingi nnyo bye nneesalako, naawe kikweetagisa bingi nnyo, naye ffembi tujja kumalako olw'ekisa kya Katonda. Amiina.

Omusawo omukulu Ali kumpi kati,
Omusaasizi...

214 Mukama Yesu, muganda wange omulungi muwe omukisa. Nsaba Omwoyo Wo Omutukuvu abeezeewo bulungi omusumba ono, amukuume nga mulamu era nga wa maanyi mu buweereza bwe wamuyitira. Mu Linnya lya Yesu. Mukama, nkisaba. Mmwagala. Tukisaba. Tumanyi nti kituufu. Tukikkiriza kaakano.

Luyimba olukyasinzeeyo mu zonna ezaali ziyimbiddwa,
O Yesu, Yesu ow'omukisa.

215 Temumwagala? Ggwe lowooza: kati wano wennyini, omulimu gwamaze dda okutandikibwa mu mubiri gwo, ogw'okuwonyezebwa kwo, kubanga ekyo Yakisuubiza nti kya kukolebwa. Kaakati, mulabeeyo, mutegedde bye mbadde njogera akawungeezi ka leero? Olugero lwakyo mulutegedde? Labayo, "*Bw'ogamba olusozi* luno," laba, tobuusabuusa, tobuusabuusa, wabula kkiriza ekyo ky'oyogedde. Kati mulabeeyo, mu bbanga eritawezezza na ddakiika ttaano, emikono gyonna giwanikiddwa, nti mu kiseera kino kyennyini omulimu gumaze okubatandikibwamu. Ha, bannange! Wuuyo awo. Kye ekyo! Kiki? Kubeerawo kwa Musawo ow'ekitalo.

216 Ha, tuwanike emikono gyaffe eri Katonda tuddemu tuluyimbe.

Omusawo omukulu Ali kumpi kati,
Yesu omusaasizi;
Ayogera okuzzaamu amaanyi omutima omunakuwavu,
O, wulira, eddoboozi lya Yesu.

Ly'eddoboozi erisinga mu luyimba lwa baseraafi,
Ly'erinnya erisinga obuwoomu ku lulimi lw'abantu,
Lwe luyimba olukyasinzeeyo mu zonna ezaali ziyimbiddwa,
O Yesu, Yesu ow'omukisa.

217 Tugira tukyayimiriddeko okumala akaseera. Leka tumusinze mu mitima gyaffe. Kirowoozeeko: Katonda, Ali wano. Ali wano. Ani? Ani Oyo eyeeyoleka nga Kigambo? "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, era Kigambo yali ne Katonda, era Kigambo n'aba Katonda. Era Kigambo yafuuka omubiri n'abeera gye tuli, nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Ekigambo kyogi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, era Kitegeera obuziba bw'ebirowoozo (n'ekigendererwa ekikuleese ky'ojjiridde, ekigendererwa kyo okuba wano, ne ky'oli)"; kyayoleka Yesu Kristo okuba nti ye Masiya, era ne mu nnaku zino Kimwoleka nga ye Masiya y'omu, jjo, leero, n'emirembe gyonna.

218 Omusawo Ow'ekitalo, oyo Ali wano, Oyo eyagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza. Bwe banaateekanga emikono gyabwe ku balwadde, banaawonanga. Era bw'oligamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otobuusabuusa mu mutima gwo, wabula n'okkiriza." Oba Asobola okutonda bukaamuje, obutaalina ngeri yonna, oba ekintu kyonna ekiri awo okukkiriza; kukkiriza kwange kwe kugenda ne

kukikola ekyo, kukkiriza kwange mu ekyo kye Yansoomooza okusaba kye nneetaaga. Yansoomoza nkisabe. Era nnakkiriza okusoomooza Kwe nga ŋŋondera Ekigambo Kye, ne nkisaba, era ne kirabika! Katonda ali mu Ggulu akimanyi nti ekyo kituufu. Okuwonya abalwadde kw'Atasobola? Oba asobola okunnyimusa n'okukkiriza okwenkana wano, ne ku lw'abantu, ne bwe baba tebasobola kulinnya kutuuka ku ddaala eryo. Bwe baba tebasobola, Ye asobola okukozesa okukkiriza okwange. Asobola okunyimusa n'antuusaawo, era nninnya ku lwammwe. Nzikiriza ku lwammwe. Njogera ku lwammwe.

219 Ndi muganda wammwe, nnyimiridde nga muganda wammwe, omwegayirizi, ngezaako nga bwe nsobola okubateeka mu maaso ga Katonda. Era kaakati nnyimiridde mu maaso g'Entebe Enjeru ey'obwakabaka, nga nsimbawo ekyo . . . nga nsonga olugalo lwange ku Ssaddaaka eyo ey'omusaayi, era nga njogerera mu Linnya Lye nti kikoleddwa. Kirina okubeerawo, era kirina okubeerawo. Okimanyi nti kibaddewo. Mmanyi nti kibaddewo, bw'otyo naawe omanyi nti kibaddewo, era bwe kityo bwe kiri. Kye ekyo. Amiina.

Oluyimba olukyasinzeeyo mu zonna ezaali ziyimbiddwa,
O Yesu, Yesu ow'omukisa.

Ly'eddoboozi erisinga mu luyimba lwa baseraafi,
Ly'erinnya erisinga obuwoomu ku lulimi lw'abantu,
Lwe luyimba olukyasinzeeyo mu zonna ezaali ziyimbiddwa,
Yesu, Yesu ow'omukisa.

220 N'emizimu gyatugondedde mu Linnya Lyo, Erinnya erikyasinzeeyo ku lulimi lw'omuntu. Emizimu . . . Eryo—eryo erizuukiza abafu, Eryo eriwonya abalwadde, Eryo erirongoosa omugenge, Eryo erigoba emizimu, Eryo erifuula abantu Abakristaayo. Teri Linnya ddala wansi wa Ggulu. Mu Eryo mwe mbeera, nnabatizibwa mu Eryo, Eryo lye nzikiriza, mu Eryo mwe nsinziza. Haa, leka nfuuke kitundu ku Lyo. Leka nze nsaanewo; ndizuule, Mukama, mu Ggwe, Erinnya eryo eriyitibwa Yesu Kristo, Masiya omufukeko amafuta, nsobole okuwaguza okuyita mu bisooto ebyo eby'obutakkiriza okwoleka obulungi bwa Yesu Kristo: abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

221 Kati Katonda abawe omukisa. Bw'onookomawo wano Ssande ejja, wa obujulizi nga bwe wawonyezeddwa, ku ebyo ebibaddewo wiiki eno. Tunula olabe ebibeerawo. Kiwedde! "Omanyi otya?"

222 Yaŋŋambye "nkyogere," era nkyogedde. Ky'ekyo. Ky'ekyo. Kiwedde. Nkikkiriza. Kati, omusumba, Ow'oluganda Neville.

223 Sooka olindeko. [Waliwo ow'oluganda ayogera mu nnimi, omulala avvuunula—Omuk.]

224 Erinnya lya Mukama liweebwe omukisa. Tuwanike emikono gyaffe tumusinze okumala akaseera.

225 Tukwebaza, Mukama. Tukwebaza, Mukama. Weebale, Kitaffe. Weebale, Kitaffe.

226 Nga omukkiriza, weetegerezza ebbanga obubaka lye bututte nga bwogerwa; n'eddoboozi mwe bwogereddwa, ne weetegereza n'okuvvuunulwa nga bwe kukomyewo mu ngeri y'emu? Ky'ekyo. Kwekkaanye, kukwataganira ddala n'Obubaka; nga kunyweeza nti ago ge gabadde Amazima, nti Yamaze dda okukola kye Yabasuubiza nti ky'Alikola. Wekkaanye engeri buli gye buzzeemu, olabe n'engeri buno gye buvvuunuddwa. Wekkaanye ebbanga *oli* ly'ayogeredde, olabe n'ebigambo bimeka *ono* by'ayogedde, olaba, bye byo byennyini.

Mukama abawe omukisa, okutuusa lwe ndiddamu okubalaba. Amiina.

OKUKKIRIZA OKUTUUKIRIDDE LUG63-0825E
(Perfect Faith)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 25 Agusito, 1963, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org